# Akabonero Akookubiri

Jeffersonville, Indiana, USA

63-0319

1Musiibyeyo mutya nno, ab'emikwano. Fenna ka tuyimirireko katono nga tusaba. Bwe muba mwagadde.

2 Kitaffe ow'omu Ggulu, tukunngaanye nate, leero mu lukunngaana luno olutukuvu, mu kuweereza Mukama. Era Wasuubiza nti wonna we tuba tukunngaanidde babiri oba basatu, Olibeera wakati mu ffe. Tukakasa nti Oli wano, kubanga tukunngaanye mu Linnya Lye.

3 Kati tusaba, Kitaffe, nti — nti leero Ojje Otubikkulire Nga omuyiiya bwe yagamba, nti yayagala okulengera emabega w'Olutimbe lw'Ebiseera. Naffe ekyo kye twagala, Mukama, kwe kutunula emabega — tulengere mu maaso tulabe ebiriyo. Era tusaba nti Omwana gw'Endiga eyattibwa, Anaabeera wano mu ffe okutubembulira Akabonero, era — ebintu ebyo Akatubembulire, bye twetaaga okulaba.

4 Mukama, wano waliwo abamu, abatannayingira mu lukunngaana luno olw'ekitalo awamu ne Kristo. Tusaba, leero, basalewo okulonda ekyo ekitaggwaawo, era bajjuzibwe n'Omwoyo wa Katonda.

5 Kitaffe, bwe wabaawo omulwadde yenna, tukusaba Obawonye. Waliwo wano obutambaala bungi bwe ntaddeko omukono gwange mu kussa ekitiibwa mu — mu Bayibuli, ey'Omutukuvu Pawulo, bwe bajja ku mubiri gwe ebiremba n'engoye. Emyoyo emibi gyava ku bantu, ne bawonyezebwa.

6 Tulaba okudda kwa Mukama kuli kumpi. Tumanyi ng'ekisera kisembera. Ebintu bino bikomyewo nate eri ekkanisa, oluvannyuma lw'emyaka lukumi-mu-lwenda.

7 Kitaffe, kati tusaba, Otuwe ebintu bino bye tusaba. Omuweereza mugumye, era omuyambe wonna, Mukama, naddala ffe abakunngaanidde wano leero, tusobole okufuna Ekigambo. Tusaba mu linnya lya Yesu. Amiina.

8 Mazima kirungi nate okukomawo mu nnyumba ya Mukama nate leero. Era mmanyi nti bangi nnyo ku mmwe muyimiridde buyimirizi, nze nsaaliddwa olw'ekyo, naye tetulina kye tuyinza kukola kisingako. Ffe — tulina e — Ekkanisa

ya . . . Twakagigaziya okusobola okutuuzaamu abantu bisatu oba bina, bisatu oba bina abeeyongerako. Naye mu nkunngaana nga zino ez'enjawulo, ki — abantu beeyongerako obungi.

9 Kaakati, oh, ndi mu kiseera kya kitalo, mu kusaba, era nga njiga — Obubonero buno. Nsuubira nammwe mwenna, bwe mutyo. [Ekibiina kiddamu, “Amiina.” — Omuk.] Ndi — nkakasa nti kye mukola. Bwe kiba nga kya makulu gye muli nga bwe kiri ku lwange, ddala muli mu kiseera e . . . Ekirungi eky'ekitalo. Era nnina e…

10 Oluvannyuma lw'olukungaana luno, njagala okukubira omuwala mukwano gwange. Leero ge mazaalibwa ge. Awezezza emyaka kkumi n'ebiri leero, muwala wange, Sarah. Ate era, addako, okwosa enkya, nnina okuyita omulala, kubanga ge mazaalibwa ga Becky.

**11** Era kati, leero, tuyiga ku Kabonero kano Akookubiri. Obubonero buno obuna obusooka waliwo abavuzi b'embalaasi bana. Kati mbabuulira, leero waliwo era ekintu ekyabaddewo. Era, nze — nze, ekintu kye . . . Nagenze ne nzigyayo empapula enkadde ku bye nnayogerako, edda, ne ntuula butuuzi awo. Muli ne ndowooza, “Weewaawo, nze — nakola kye nnali nsobola.” Era abawandiisi bangi n'ebintu . . . ne ndowooza, “Kale, nja kugira nga nsomako katono, nga bwe nneetegereza kino na kiri.” Kati ky'olina okusooka okumanya, waliwo ekyabaddewo, era kyonna kyawukanira ddala. Kijja mu ngeri ya njawulo. Amangu ago ne nkwatirawo ekkalaamu yange, ne ntandika okuwandiika mangu nnyo nga bwe nsobola, ng'Akyaliwo.

**12** Oh, wabaddewo ekintu eddakiika nga asatu gye buvuddeko. Mbadde mbuulira ow'Oluganda Wood, obudakiika butono obwakayita, ne wabaawo ekintu, kwe kugamba mumanyi ebintu bingi ebibaawo by'otayinza kumala googerako, mumanyi-ekintu kyabaddewo ekyannyambye ennyo.

13 Mu kizimbe muno mulimu mukwano gwange. Weewaawo, mwenna muli mikwano gyange. Ono — ow'oluganda ono ye w'oluganda Lee Vayle. Wa luganda mulungi nnyo, era omuyizi ddala ow'Ebyawandiikibwa. Dr. Vayle wa mu kkanisa ya Baptist naye alina Omwoyo Omutukuvu. era ye . . . Kino sikyogera mu kuwaanawaana, wabula nkyogera lwa kuba nkikkiriza. Ndowooza y'omu ku bayizi abasinga okumanya ebintu ebingi mu abo be tulina, mu madaala gaffe. Yampandiikidde akabaluwa, n'akayisa ku Billy Paul. Ne Billy

naye yabadde tasobola kunnyinyonnyola kummatiza. Era ndowooza . . . Era ssinnakamalako kukasoma, naye nja kwogera bwogezi kye yayogeddeko wano. Ka nkisome busomi, ow'oluganda Vayle, oba oli wano. Kino nnakisomako emyezi nga mukaaga egiyise.

**14** Yagamba, “Sikakasa.” Nti, “Ow'oluganda Bill, sikakasa, wabula nzikiriza nti Polycarp yayigirizibwa Omutukuvu Yokaana.” Ekyo bwe kiri. Bwe yali. “Nzikiriza Iranaeus yali muyizi wa — wa Polycarp.” Ekyo kituufu, ddala yali. “Iranaeus yagamba, 'Yesu Alidda — alidda ng'omulonde asembayo mu mubiri gwa Kristo ayingidde.”

15 Oyo yali Iranaeus, emyaka nga 400 ku . . . oluvannyuma lw'okufa kwa Kristo. Yagamba, “Omulembe guno ogusembayo bwe gulituuka . . .” Kati, ekyo kiri mu — ng'Olukiiko lw'e Nikyeya terunnabaawo. Mmwe bannange abali wano, abasoma e — e . . . Okusoma Ebyawandiikibwa, ne musoma e . . . ntegeeza, abayiga ebyafaayo bya Bayibuli, tukiraba nti nga . . . ng'Olukiiko lw'eNikyeya terunnabaawo. Ndowooza mujja kukisanga, mu kitabo ekisooka oba ekyokubiri. Era kati, yakiraba, emyaka mingi egiyise, n'agamba nti, “Ku mulonde asembayo, oyo — omulonde, eyalondebwa

16 Abantu balowooza nti okulondebwa kye kintu ekya — ekyatandikibwawo jjuzi. Owange! Eyo y'emu ku njigiriza ezisingayo okuba ez'edda ze tulina; okulondebwa n'okuyitibwa. N'olw'ekyo ddala, Iranaeus, omuyizi yennyini ow'Ebyawandiikibwa, yakkiririzanga mu kulondebwa.

17 N'olw'ekyo Iranaeus yali omu ku ba — ku bamalayika b'emirembe gy'ekkanisa, nga bwe twalabye nga tuyiga. Tukikkiriza. Kwo okuba, kati, byonna byali byama. Byonna byali wano, ddala, nga bikwekeddwa mu Bubonero buno, olaba. Era byakubikkulibwa mu nnaku ezisembayo. Kati byatandikira ku Pawulo, era — ne Iranaeus, ne Martin, n'okweyongerayo, nga bwe baddirira, era bijjidde ddala okutuuka ku mulembe ogusembayo.

18 Era, kati, twesiga Mukama Atuwe omukisa mu kufuba kwaffe olwaleero. Kati tubadde . . . Akabonero Akasooka, ddala kannyumidde. Akabonero Akasooka, kaabadde n'omukisa, gyendi!

19 Era kati nze — ssaagala kubalwisa. Naye, mulaba, nze — nja kuba nga nngenda, mu nnaku ntono, nga kino kiwedde. Era tulina okugumiikirizaamu okumala akabanga.Wabula nsiima . . .

20 Ow'Oluganda Junior Jackson mmulaba ayimiridde awo. Nze . . . Era ndowooza ow'Oluganda Ruddle mmulabye, gye buvuddeko katono wano, aliko waabadde. Kati ab'oluganda abo, ab'omu makanisa bwe tukkiriza ekimu agasindise abantu, n'abalala. Ekyo ddala tukisiima. Nkakasa, oyo gwe ndaba ye w'Oluganda Hooper, ava mu kkanisa y'e Utica, ayimiridde okumpi n'ekisenge. Era ddala tusiima nnyo enkolagana yammwe mu mulimu guno.

**21** Kati, akawungeezi ka jjo, nga bulijjo bwe twagala, okuyigiriza ku — ku Bubonero, tukiyigiriza mu ngeri y'emu nga bwe mukola ku — ku — emirembe gy'ekkanisa. Bwe twamala okuyigiriza ku mirembe gy'ekkanisa, omulundi ogwasembayo bwe nnagikuba wano ku — ku kituuti, ku lubaawo, bameka abajjukira ekyabeerawo? Yajjira ddala wano, n'Agenda ku lubaawo n'Ekitangaala, Ye Mwennyini, n'Agikuba nga ffenna tulaba, wano ku kisenge, mu maaso gaffe ffenna. Malayika wa Mukama yayimiririra ddala mu maaso g'ebikumi by'abantu.

22 Era ne kaakano a — waliwo ekintu ekya nnamaddala ekyamagero era, ky'Akola, n'olw'ekyo tusuubira ebintu eby'ekitalo. Tetumanyi . . . Mwandyagadde okulindirira — okw'okwetegeka okwo, tetumanyi kiki kigenda kuddirira, nga bwe mumanyi, tu — tulindiriria bulindirizi. Kati, Katonda nga wa kitalo gye tuli, era nga Yeewuunyisa! Tumwebaza!

23 Kati, olunyiriri olusooka n'olwokubiri, nja kuzisoma, tusobole okufuna omusingi. ate tusome olwokusatu n'olwokuna, ezikwata ku Kabonero Akookubiri. Olwokutaano n'olwomukaaga ke Kabonero Akookusatu. Ate olwomusanvu n'olwomunaana ze . . . Nnyiriri bbiri bbiri ku buli muvuzi wa mbalaasi. Era kati njagala mwekkaanye engeri abantu bano . . . Ku mbalaasi eno eya lukunyu, oba oli awo . . . Wano w'ejjira, ekyuka bukyusi nga bw'ekkirira.

24 Era olwo, Akabonero ako ak'ekitalo akasembayo kajja kubikkulwa, Katonda ng'Ayagadde, ku lunaku lwa Sande ejja! Nti, bwe kibeerawo, ekintu kyokka ekyaddirira, “kaali kasirise mu Ggulu nga ka kitundu kya ssaawa.” Katonda Atuyambe.

25 Era kati, ka nsome olunyiriri olwokusatu.

*Bwe yabembula akabonero akookubiri, ne mpulira ekiramu ekyokubiri nga kyogera nti, Jjangu olabe.*

*N'evaayo embalaasi endala . . . (olunyiriri olwokuna) . . . eyali emmyufu: n'eyali atuddeko n'aweebwa okuggyawo emirembe ku nsi . . . battinngane bokka na bokka . . . battinngane bokka na bokka: n'aweebwa ekitala ekinene.*

**26** Kati, kati kino kintu kya kyama nga e — Ekiramu kyagamba Yokaana, “Jjangu buzzi olabe.” Era teyalaba kiki kye kyali. Yalaba kabonero bubonero. Akabonero ako, ensonga lwaki ka . . .Yagamba, “Jjangu, olabe,” naye yalaba kabonero, ke yali alina okugeraageranya ku kkanisa, mu engeri gye baalina okuketegeerezaamu; okutuukira ddala ku mulembe ogusembayo, olwo Obubonero bubembulwe.

27 Kati, ekyo buli muntu akitegeera, laba, Obubonero bubembulwe. Temuli basanyufu okubeera mu nnaku zino? Kati, laba, si ekyo kyokka, ab'emikwano, naye bulijjo kati mujjukire, amakya ga sande eyise, ebintu byonna we twabyesigamiza, ku binyoomebwa! Olaba? Ebinyoomebwa, ebikkakkamu, nga bibaawo mu ngeri abantu gye babiyitako obuyisi nga tebamanyi na kibaddewo.

28 Era, mujjukire, tulindirira kujja kwa Mukama, ekiseera kyonna. Era bwe tu . . . Nnayogera ekigambo, nti oba oli awo n'Okukwakkulibwa kuliba mu ngeri y'emu. Kuliba kumaze okubaawo, era, tewali alikutegeerako. Kulijja bwe kutyo. Olaba? Era bulijjo . . . Ddayo buzzi mu Bayibuli olabe engeri gye kibeeramu bwe kityo. Olaba?

29 Kya kitalo okufaanana ng'okujja kwa Mukama Yesu, tewali yakumanyaako. Baalowooza, “Oyo, kintuntu.” Amakanisa gaagamba, “Oyo muzoole. Ffe . . . Mulalu yennyini.” Nti, “Mutabufu wa mutwe.” “Tumanyi nti oli mulalu.” Eddalu kitegeeza “butabufu bwa bwongo.” “Tumanyi nti olina omuzimu, era gwe gukusudde eddalu. Weepanka okutuyigiriza? So nga, wazaalibwa bweru wa bufumbo. Ffe . . . Ggwe wazaalibwa mu bukaba. Weepanka okuyigiriza abantu abali nga ffe, bakabona, n'abalala, aba yeekaalu?” Kale, abange, okwo kwali kubatyoboola.

30 Yokaana bwe yajja, nga bwe yayogerwako, mu mirembe gyonna egyali giyise, okuva ku Isaaya okutuuka ku Malaki. Gy'emyaka lukumi-mu-bibiri . . . Manyanga lusanvu-mu-kkumi-n'ebiri, bannabbi baali bamulabye, ng'ajja. Buli muntu yali amunoonya, ng'amusuubira ekiseera kyonna. Naye yajja bw'atyo, n'abuulira, n'akola omulimu gwe, n'agenda mu Kitiibwa.

31 Era n'abatume tebaakimanya, kubanga baamubuuza; nga bagamba, “Kati, singa — singa Omwana w'omuntu agenda e Yerusaalemi, ebintu bino byonna, eby'okuweebwayo,” nti, “Iwaki Ebyawandiikibwa bigamba nti Eriya agenda kusooka kujja'?”

32 Yesu Yaddamu, “Yajja dda, ne mutakimanya. N'akola ebyo byennyini Ebyawandiikibwa bye byagamba nti by'alikola. Era ne bamukola ebyamwogerwako.” Mulaba? Baali tebasobola kukitegeera. N'Agamba nti, “Yali Yokaana.”

33 Kati, olwo, “Oh!” Laba, bo — ne bazuukuka, okukitegeera. Bo Kati era, ne ku nkomerero, ng'ebintu bino byonna biwedde a — by'Akoze, n'obubonero bw'Abalaze, Abayise n'okubayita. N'Abagamba nti, “Ani ku mmwe anvunaana ekibi, obutakkiriza? ”Bwe mba nga ssikoze Byawandiikibwa kye byogera nti obuwereza bwange bwe birikola bwe ndijja ku nsi, kale mundage wa we Nnyonoonye. Mukiraba? Olwo nja — nja kubalaga kiki kye muteekwa okuba, era ka tulabe oba mukikkiriza, oba nedda.“ Olaba? Yandikomyewo n'Agamba nti, mulina okukkiririza mu Nze nga Nzize.” Tebaakikola, mulaba, kale baali bamanyi ekisusse nga tebasobola kumukkiriza, ku ekyo. Naye Yabagamba, “Ani ku mmwe anvunaana obutakkiriza? Mulaba? Sikoledde ddala nga bwe kyali?”

34 Era abatume nabo, wadde baalinga naye, beesittala. Tumanyi Ebyawandiikibwa nga bwe biri. Ku nkomerero, oluvannyuma, ne bagamba, “Kaakati tukkiriza. Tukkiriza nti tewali muntu alina kukubuuulira, kubanga omanyi ebintu byonna.”

35 Kati, nandyagadde okulaba amaaso Ge. Ateekwa okuba nga Yabatunuulira, n'Agamba, “Kale, kaakati mukkiriza? Oluvannyuma kigudde gye muli.” Kale, osanga, tekyalina kuba bwe kityo, okutuusa ku kiseera ekyo, olaba. Omanyi, Katonda ebintu byonna Abikola lwa bulungi. Nze — Mmwagala olw'ekyo.

36 Naye kaakati tulowooza ku mulembe gwaffe kati. Kubanga, bwe tuyingira mu kugwogerako, tetujja ate kusobola n'akatono, kuyingira mu Bubonero buno.

37 Era kati, mujjukire, bangi nnyo abansaba okusabira abalwadde. Era nsabira a . . . ekiseera kyonna, buli kya kusabira kye nfuna, obutambaala

n'ebirala. Kati singa tumaliriza Obubonero buno okutuuka ku Kabonero akasembayo, ku sande ku makya tu . . . Bwe kuba okwagala kwa Mukama, twagala okuba wano n'olukunngaana olw'okuwonyezebwa olulungi olw'enkola enkadde, bwe lutyo, wootwalira enkya yonna okusabira abalwadde. Nze — nkakasizza ddala nti lujja kuba lukunngaana olutali lwa bulijjo. Mulaba? Nina munda yange kye nduwulirako, mulaba. N'olw'ekyo, si lupya, naye luyinza okuba olupya eri abamu, olaba, ekyo kye ntegeeza.

38 Kati, ekisa kya Katonda nga kya kitalo, okutubikkulira ebyama Bye leero! Kati, ffenna tujja kukkiriza nti tuli mu nnaku ezisembayo. Ekyo tukikkiriza. Era mujjukire, ebyama byali bya kubikkulwa mu nnaku ezisembayo. Era Abikkula Atya Ekigambo Kye, ebyama Bye? Bayibuli bw'egamba. Mwandyagadde musome wa w'Akyogerera? Ka tubikkule tulabe engeri gy'Abikkulamu ebyama Bye.

39 Kati njagala kusoma mu Amosi. Mubikkule Ekitabo kya Amosi, njagala musome mu ssuula eyookusatu eya Amosi, n'olunyiriri olwomusanvu. Kale. Nja kusoma, n'olwomukaaga.

*Bafuuyira . . . ekkondeere mu kibuga, abantu ne batatya? Obubi bugwa mu kibuga, MUKAMA nga tabuleese?*

*Mazima Mukama . . . Taliiko ky'Akola, wabula ng'Abikkulidde abaddu Be bannabbi ekyama Kye.*

40 Kati, mu nnaku ezisembayo, twa . . . kyalagulwa gye tuli nti eriyimukayo e — nnabbi.

41 Kati, ffenna tumanyi nti tubadde n'aba buli kika. Kati, nkitegedde, oluvannyuma lw'okwetoolooza amaaso leero, nze — njogerera wano, ng'abayizi batudde, kati nja — njagala muntegeere. Era mumanyi, ng'entambi zino zibuna ensi yonna, olaba, kumpi ensi yonna. Era sandyagadde, mu ngeri yonna, kubalowoozesa nti ngezaako okuyingizaamu ngeri ya — eddiini empya eya bulangiti oba eminagiro gya Eriya. Era byonna — ebintu bino byonna tubadde na bingi. Naye, mumanyi, nti ebintu ebyo byonna biteekateeka buteesiteesi ekintu kyennyini ekijja, bino biwabya bantu.

42 Mwamanya nga bwe twalina abakulembeze — abakulembeze abakyamu abaayimuka, bamasiya ab'obulimba, Kristo bwe Yali Tannaba kujja?

Teyali oyo, si oyo . . . Omuyigiriza w'ekiseera ekyo, omusomesa ow'ekitalo, Gamalyeri, bwe waaliwo — bwe waaliwo okwemulugunya ku kukubibwa kw'abantu bano, n'ebirala, si ye yagamba, “Mubaleke. Bwe biba nga bya Katonda, kale, mujja kwesanga nga mulwanyisa Katonda. Naye bwe biba nga si bya Katonda . . .” Era nti, “Gye buvuddeko, tewaayimukayo omusajja, n'atwala abantu 400 mu ddungu, n'ebirala? Ebintu ebyo tubirina.” Kyali kiki? Byonna bikulemberamu ekintu ekituufu nga kijja.

43 Kati, mulabe, abo Setaani yabayimusa. Wekkaanye obukujjukujju bw'omusajja ono gwe twogerako wano, Setaani, nga tumwanjuluza wano; nga tumwanika n'Ebyawandiikibwa, tubamanyise kiki ky'ali. Ekyo kye . . . Ekyo kye kirina okukolebwa.

44 Era, jjukira, tagezangako kugendayo abeere owa Naakalyako-ani, ekyo Setaani takikoze. Ye mulabe wa Kristo. “Ali kumpi nnyo, kubanga,” Yesu Yagamba, “alirimba Abalonde bennyini . . .” Era abo be baakwekebwa wano mu Bubonero buno, abalina amannya gaabwe nga gaateebwa mu Kitabo okuva ku ntandikwa y'ensi

45 Muntu mukujjukujju. Bw'alaba ekintu kino nga kijja, nga kivaayo, olwo akola buli kintu kyonna kyasobola, okukigootaanya nga tekinnatuuka. Mwamanya nga walibaayo bakristo ab'obulimba mu nnaku ezisembayo? Kye kiteekwa okuddirira amangu ddala oluvannyuma lw'Obubaka buno, oluvannyuma lw'obubaka buno obw'ekitalo ow'oluganda ono bw'agenda okwogera, alijjira ddala, amangu ddala, ng'afukiddwako Omwoyo wa Eriya, amangu ddala,

46 Era tebagenda kumutegeera. N'abamu bagenda kulowooza nti ye Masiya. Naye agenda kugambira ddala nti, “Nedda.” Kubanga, kirina kufaanana nga Yokaana.

47 Mu kiseera kya Yokaana Omubatiza, bwe yavaayo okubuulira, baamugamba, “Si ggwe Masiya? Si ye Ggwe?”

48 Yagamba, “Si ye nze. Sisaanidde kusumulula ngatto Ze. Naye nze — nze mbabatiza na mazzi, naye Alibabatiza n'Omwoyo Omutukuvu.” Era Yokaana yali akakasiza ddala nti Yali Ali ku nsi, n'okugamba n'agamba nti, “Alina w'Ali mu mmwe, mu kiseera kino.”

49 Wabula teyamumanya okutuusa lwe yalaba kabonero ako nga kamukkako. Olwo, bwe yalaba Ekitangaala ekyo nga kimukkako nga kyeyanjuluzza ng'ejjiba, ne kimwakirako, n'agamba, “Wuuyo awo. Y'Oyo.” Naye omanyi, Yokaana yekka ye yakiraba. Yokaana yekka ye yawulira Eddoboozi. Abalala bonna abaaliwo, tewali yaliwulira.

50 Naye omuweereza omutuufu yennyini, bw'ajja; olwo n'okugeegeenya kwakyo kwonna kugoberera, kijja kutabulatabula mitima gy'abantu. Ekyo Setaani y'akikola. Abo abatasobola kwawula kikyamu na kituufu, olwo ne batagala. Naye abalonde bo tebayinza; Bayibuli yagamba nti talisobola kulimbalimba Balonde. Era kati, nga Kristo Tannaba kujja, Bayibuli yagamba, “Bakristo ab'obulimba balirabika, era beeyite Kristo, era baligamba, 'Laba, abantu bagambe, Ali mu ddungu.' Temukkirizanga. Laba, Ali mu bisenge munda.' Temukkirizanga.”

51 “Kubanga ng'okumyansa bwe kuva ebuvanjuba ne kutuuka ebugwanjuba, bwe kutyo bwe kuliba okujja kw'Omwana w'omuntu.” Olaba? Ddala, Ali — Ali Alirabika, era kiriba mu nsi yonna. Era kati, mu buli ngeri, bwe bakizuula nti waliwo ekintu ekibaddewo, olwo bali . . . Kaakati, tujjukire, ekyo kya kubeerawo amangu ddala ng'Ekkanisa yaakagenda Eka, oluvannyuma lw'Okukwakkulibwa.

52 Kati walibeerawo okugeegeenya okw'obulimba, ebiseera byonna, era tetugenderera kwekwataganya ku kintu kyonna ekifaanana bwe kityo. Nedda, ssebo.

53 Nzikiriza, omuntu bw'alijja, ono eyalagulwa ow'okujja, nkibalaga nga nkozesa Byawandiikibwa byokka, nti omuntu oyo wa kuba nnabbi. Awatali kubuusabuusa wa kuba. N'okubikkulirwa kwa Katonda, kubanga Katonda . . . Ekigambo kya Mukama kijja eri bannabbi Be. Ekyo bwe kiri ddala. Ekyo . . . Era Katonda Tayinza kukyusa, mulabeeyo. Singa Yalina enkola esingako obulungi, Yandi — Yandigikozesezza. Naye Ye — Alina . . . Yalonda enkola esingayo obulungi ku ntandikwa.

54 Okufaananako nga, Yandibadde Alonda enjuba y'eba ebuulira Enjiri. Yandibadde Alonda omwezi. Yali Asobola okulonda e — embuyaga. Naye Yalonda muntu. Era Teyalonda bibiina. Bantu ssekinnoomu! Mukiraba?

55 Era tewabangawo bannabbi babiri abakulu mu nsi mu kiseera kye kimu. Mulabeeyo, buli muntu mwawufu, yatondebwa mu ngeri ya njawulo. Singa Katonda Afunayo omuntu, ekyo kyokka kye yeetaaga, mu mukono Gwe, Ayinza okukola kyonna ky'Ayagala. Alina kubeera na muntu omu yekka. Mu nnaku za Nuuwa; mu nnaku za Eriya, mu nnaku za Musa.

56 Mu nnaku za Musa, bangi abaayimuka. Mumanyi bwe baakola, ne beetantala okwogera, “Kale, si ggwe mutukuvu wekka mu kibiina ,” kati — kati Disani ne — ne Koola.

57 Katonda n'Agamba, “Weeyawule. Nja kwasamya ensi ebamire bonna.” Mukiraba? Ne — ne — era ne . . .

58 Olwo abantu ne batandika okwemulugunya. Yagamba, “Nja ku—bonna nja kubaggyawo bujja.”

59 Musa, n'alyoka atwala ekifo kya Kristo, olwo, ne yessaawo okuziba eddibu eryo, n'agamba, “Mukama, Tokikola.” Olaba? Era, kwo okuba, ya . . . Bwe Yamala okulonda Musa okukola kino, Teyali wala ne Musa, kubanga Musa yali akola nga Kristo mu kiseera ekyo. Yali Kristo mu Musa. Mu bulambirira.

60 Kati, tuli basanyufu nnyo leero kubanga Katonda Atwebikkulira. Nzikiriza nti olunaku olw'ekitalo lutandika butandisi, okukya. Ekitangaala kitandise okweyerula. Ebinyonyi by'omu lusuku olw'omu ggulu bitandise okuyimbira mu mutima gy'abatukuvu. Bamanyi nti kati ekiseera tekiri wala. Waliwo ekintu ekigenda okubaawo, nga kiteekwa buteekwa. N'olw'ekyo singa “Tabaako ky'Akola . . .” Kati,

61 Ebyawandiikibwa byonna byalunngamizibwa. Naye Ebyawandiikibwa biteekwa okubeerera ddala Amazima. Tekiyinzika kubyebalama. Awo we sikkiriziganyiza ne mikwano gyaffe ab'omu Ekereziya Katolika. Nzikiriza nti Tebyawandiikibwa muntu buntu. Nzikiriza nti Byalunngamizibwa Omwoyo Omutukuvu. Era ebintu bino byonna ebigattiddwako, bye bagezzezaako okubyongerako; mwakiraba, nti mu kulongoosa byonna, bonna bya basammula ebweru.

62 Era Ebyawandiikibwa bino byennyini ebituufu, byonna bikkiriziganya, ne bikwatagana, okutuusa — mu byo nga temuli kukubagana mpawa, n'akatono. Ndagaayo ekitabo oba ekiwandiiko kimu ekisobola — okuwandiika olunyiriri,

nga kizibu okusangamu okukubagana empawa, oba okuwandiika — okuwandiika olunyiriri, oba ennyiriri bbiri. Era Bayibuli terina wantu wonna we Yeekubira ndobo, n'akatono. Nnawulira aboogezi ab'edda nga bagamba bwe batyo, naye nnabawa ebbanga ggwanvu, okundaga we kiri. Tekiriimu muno. Kiri lwa kuba ebirowoozo by'obuntu bitabuddwatabuddwa. Katonda si mutabufu. Amanyi ky'Akola. Akimanyi.

63 Mulabe, singa Katonda Aliramula ensi ng'Akozesa kkanisa, nga Ekereziya Katolika bw'egamba nti bwe kiri, kale, olwo eribeera kkanisa ki? Mulabe amakanisa ge tulina. Tulina ebibiina by'amakanisa ag'enjawulo, nga lwenda n'okusoba. Kati a . . . Emu eyigiriza bw'eti, n'endala eyigiriza bulala. Olwo, nga kaba kavuyo, kuba buli omuntu akola nga bw'ayagala, bw'atyo bwakola. Katonda Ateekwa okubaako n'ekipimo, era ekyo ky'Ekigambo Kye.

64 Okwogera . . . Kati, sikissa ku Bakatoliki, kuba — n'Abapulotesitante bwe bali ddala. Naye nnali njogera n'omusosodooti, n'agamba, “Mwami Branham,” Katonda Ali mu kkanisa Ye.“

65 Ne mmugamba, “Ssebo, Katonda Ali mu Kigambo Kye. Era Ye ye Kigambo.” Yee, ssebo.

Ko ye, “Kale, ali mu . . . Yo ekkanisa tesobya.”

66 Ne mmugamba, “Bw'Atyo si bw'Agamba, wabula Yagamba nti Ekigambo tekisobya.

67 “Bwe tutyo, bwe twayigirizanga okubatiza n'ebirala.”

Ne mmubuuza, “Ddi?”

Ko ye, “Edda mu nnaku ezasooka.”

Ne nngamba, “Eyo gye mukkiriza okuba Ekereziya Enkatolika?”

N'agamba, “Yee.”

68 Ne mmugamba, “N'olw'ekyo, nze ndi Mukatoliki, Mukatoliki ow'enkola enkadde. Basajja mmwe ennaku zino ebintu byonna mwabivuyaavuya, kumpi mu Byawandiikibwa byonna temuli kintu kye muyigiriza. Okwegayirira nga muyita mu bakazi ne mu bafu n'ebintu bino byonna ebirala, kati, oh, owange, obutalya, nnyama, ne, oh, sisobola kubimalayo, olaba.” Nti era, “Ebyo bindage mu Byawandiikibwa.”

69 Yanziramu, “Tekibyetaagisa kubeeramu. Kasita Ekereziya eba nga bw'egamba, ekyo kimala. Tekirina njawulo ekiri mu Byawandiikibwa, ekikulu ye kereziya.”

70 Ne nngamba, “Bayibuli yagamba, nti, 'Aligattako ekigambo ekimu, oba n'atoolako kimu, omugabo gwe guliggyibwa mu Kitabo ky'Obulamu.' N'olw'ekyo, ekikulu ky'Ekigambo! Era nze nzikiriza Kigambo.”

71 Kaakati, era, olwo, oba Amosi agamba, n'Ebyawandiikibwa ebirala ebigenderako, nti oba . . .

72 Era mujjukire, nti ku kino, tukwatako bukwasi ebikulu. Singa, munnange, nga . . . Singa nnyingira mu kisenge ekyo awo, ne — amafuta ago ne gajja, singa nsobola okuwandiika ekyo kya . . . Ne byonna ebigenderako, nnandimazenga wano emyezi esatu ku Kabonero akamu. Kale mbikomako bukomi ne mbireka, ebyo byokka ebirabika nga tebiIkose bantu. Naye, so ng'ate, tebituuka we bibakoseza, naye kwe kugamba, nzikiriza, nti — binaatukana nakyo. Mumanyi kye ntegeeza.

73 Kati, kino mukyekkaanye, singa “Katonda Takola kintu,” Amosi yagamba, “okutuusa ng'Amaze Okukibikkulira baddu Be bannabbi.” Era, olwo, ne tulaba kiki ky'Akola. Kiteekwa okuba nti Alina ky'Ategeka okukola, ekyo ky'Abikkula kaakano. Nkakasa, Katonda Ategeka okujja okweyoleka, mu kulamula. Alina ky'Ateekateeka okukola. Era ate ekintu ekirala ekyolekera ddala nti tuli mu nnaku ezisembayo. Tuli ku nkomerero ya mulembe, Omulembe gw'Ekkanisa ya Lawodikiya, mu kiseera kino, kubanga ebintu bino byali bya kubikkulibwa mu nnaku ezisembayo zokka.

74 Kati, ekyo mukirowoozeeko mu kiseera kino. Ka tu — Mugezeeko okwennyika mu ekyo kye tukkiriza nti Omwoyo Omutukuvu ky'Ayagala tumanye.

75 Kati mujjukire, “Tewaaliwo kiyinza kubikkulwa; Katonda Taliiko ky'Alikola, n'akatono, okutuusa ng'Akibikkulidde abaddu Be, bannabbi.” Era nga Tannaba kukola kintu kyonna, Akibikkula. Era bw'Akibikkula, kino muyinza okukijjukira, waliwo ekiba kiri mu kkubo ekijja. Mulaba, kiba kibikkulwa.

76 Era ebintu bino bye twogerako byali bya kubikkulwa mu nnaku ezisembayo, ng'akagombe k'enkomerero kanaatera, ku nkomerero y'Obubaka

bw'ekkanisa y'omulembe ogusembayo. Ekyo bwe kiri. Oba Ekyo mwagala okukisoma, muyinza okubikkula . . . Mmwe, nnabalagiridde, eggulo, emirundi esatu, Okubikkulirwa 10:1-7, olaba. “Naye mu nnaku z'eddoboozi lya malayika owoomusanvu, bw'aliba ng'agenda okufuuwa, ekyama kya Katonda ne kiryoka kituukirira.” Era waba wasigaddeyo ekintu kimu Ekitabo kino eky'Obubonero Omusanvu nga kibikkuddwa, olwo ekyama kya Katonda kyonna . . .

77 Kubanga, ekyo tukinoonyezza, mu myaka mingi, era okusinziira mu Byawandiikibwa, olwo ffe . . . Tewaali ngeri yonna ya kukitegeeramu okutuusa leero, kubanga kyali kikwekeddwa. Tulabye akabonero, akakiraga, naye nga tekiyinza kubikkulwa mu ngeri ntuufu okutuusa mu nnaku ezisembayo. Olaba? Kaakati, olwo, tuteekwa okubeerawo, ku — mu kiseera eky'enkomerero.

78 Kati, jjukira. Temwe . . . Era kati temwerabira, nti, “Taliiko ky'Akola okutuusa ng'Amaze okukibikkula.” N'ekirala, era temwerabira, nti Akikola mu ngeri ebuusibwa amaaso, nti, “abagezigezi n'abakabakaba ne bakisubwa.” Kati, ekyo oba mwagala okukiwandiika, kiri mu Matayo 11:25-26. Era, mujjukire, “Taliiko ky'Akola okutuusa ng'Amaze okukibikkula.” Era Akibikkula mu engeri nti abamagezi, n'abantu abayigirize bakisubwa. Mujjukire, gaali magezi ensi ge yayaayaanira mu kifo ky'Ekigambo, ekibi ekyasooka bwe kyakola ekyo kye kyakola. Kati ekyo temukyerabira. Oh, ffe ekyo okukimanya, nga tusaanye okukyebaliza!

79 Kati mutunuulire ebintu ebigwawo! Mulabe ebintu by'Atugambye! Mulabe wano mu tabernacle, mmwe abakulidde wano. Kati nngenda kusaba abakwata ebigambo ku ntambi oku . . . Kale, mugende mu maaso, mubikwate. Naye, mulabe, kino nngenda kukyogera eri ab'omu tabernacle, mmwe ababaddenga wano. Ndagira omuntu yenna mu mmwe, mu Linnya lya Mukama Yesu, asonge olunwe ku kintu kimu, ku ebyo ebikumi n'ebikumi ebyali byogeddwa nga tekinnabaawo, ne kitatuukirira. Mu mbuulireyo omulundi, gumu wano ku kituuti, wadde eyo ebweru, wonna gye kyali kibadde, nti Alina kye Yali Ayogedde ne kitatuukirira ddala mu ngeri eyo. Kisoboka kitya? Endowooza nga ya muntu yandisobodde etya okuba bw'etyo? Tekisoboka busobosi.

80 Bwe Yalabikira eyo ku mugga, gigenda kuwera myaka asatu-mu- esatu omwezi gwa Juuni guno ogujja, lwe yalabikira mu ngeri y'Ekitangaala! Mmwe abakadde mujjukira nti nnabagamba, okuva mu buto bwange, ku ddoboozi eryo n'Ekitangaala. Era abantu ne balowooza, nti oba nnali ntabuseeko katono

obwongo. Weewaawo, nange mpozzi nnandikitutte bwe ntyo, singa omuntu omulala ye yakyogera. Naye kaakano tekirina kubeewuunyisa. Era ekkanisa teyeewuunyizza okuva mu 1933, ku lunaku olwo eyo ku mugga, gye nnali mbatiriza ebikumi by'abantu!

81 Nzijukira omuvubuka oyo Marra ng'anngamba, nti, “Billy, abo ogenda kubatutubika.” Yali Jimmy Marra, ndowooza kati yafa. Ndowooza baamuttira eyo; waliwo omukazi eyamukuba ekyasi. Naye ya — yambuuza, “Oserengeta kututubika bantu abo?”

82 Ko nze, “Nedda, ssebo. Nngenda kubabatiza mu Linnya lya Mukama waffe Yesu.”

83 Era mu bo mwalimu omukazi. N'agamba omukazi omulala, nti . . . N'abaako ky'ayogerako. N'agamba, “kwo okuba, ssifaayo kututubikibwa.” Nti era, “ekyo si kibi; ssifaayo . . .”

84 Ko nze, “Ddayo weenenye, tosaanidde kubatizibwa mu Linnya lya Mukama Yesu Kristo.” Olaba?

85 Kino si kintu kya kuzannyisa. Y'Enjiri ya Kristo, eyabikkulwa n'ekiragiro, eky'Ekigambo. Ggwe, kati, bw'oba ng'ogamba, “Bya butaliimu era bya busirusiru,” ekyo wandikyogeredde walala. Naye, jjukira, kyasuubizibwa mu Kigambo nti kino kya kiribaawo, ddala nga bwe kyalina okutuukirira, era kye kino.

86 Olwo mu ku lunaku olwo lyennyini, bwe baali nga bayimiridde ku mugga! Malayika wa Mukama, gwe nnabagambako nti yafaanana nga — emmunyeenye oba ekintu ekiri ewala, olwo kyasembera, era nnabagamba engeri ekitangaala gye kyali kitemaganamu nga zumalidi. Awo ne kikka, ku mugga we nnali mbatiriza.

87 Awo, abasuubuzi mu kibuga ne bagamba, nti, “Ekyo kitegeeza ki?”

88 Ne mbaddamu, “Ekyo tekibadde kyange. Nkakasa. Ekyo kibadde kyammwe. Mukiraba? Ekyo kibaddewo ku lwammwe, Katonda Akikoze, mumanye nti mbabuulira Mazima.” Olw'okuba nnali bbujje, omulenzi, bwe ntyo, nga wa myaka 21, bo — ekyo tebaakikkiriza, mulaba, kubanga kyali kisusse ku mwana omuto. Kati olwo nnali ndowooza . . .

89 Ow'oluganda Roberson ono, omu ku bawanika baffe, nnaakamulaba gye buvuddeko eddakiika ntono. Jjuuzi yali annyumiza nti yali mu Houston ekifaananyi ekyo kye mulaba, bwe kyakubibwa. Era nnali . . . Mu kwogeraganya okwo. Nnatandika okubaako kye nkyogerako, jjuuzi. Ow'oluganda Roy ye yali yekka. . . N'omusajja omulala omu, yekka mu bantu bonna ye yalina akuuma akakwata ebigambo. Kaali ka nkola nkadde akakwata ebigambo aka waya. Nnengera ow'Oluganda Roberson kati, ne mukyala we. Kale, ne — ono, era Mukyala Roberson yali mulwadde.

90 Ow'oluganda Roy eyazirwanako, amagulu ge gaakubibwa, ne bamuteeka mu bafu nga bamubala nti naye yali afudde. Yali ofiisa mu — mu magye. Ekiwummumpu enkola ya Bajeremaani kinaana-mu- munaana kyakuba tanka eno gye yaliko ne kitta omusajja gwe yali naye ye ne kimusensebula. Ne bamuteeka eri, okumala ebbanga ddene, nga balowooza nti mufu. Ne bagamba nti taliddayo kutambula nate, kubanga amagulu gombi gaakosebwa nnyo, obusimu bwago, ebirala. Owange, kumpi kati ansinga okutambula!

91 Naye kyali ki? Waaliwo ekintu kye yalaba, n'agenda mu Houston. Yali annyumiza ku mukazi we. Era ng'alina — alina waya; abadde agenda kubikwata ku lutambi, era ng'olukunngaana luwedde wano, kale, nsuubira, ajja kulubateerako mwenna. Era ku lutambi olwo olwa waya enkola enkadde, alinako enkunngaana zange nga ndi mu Houston. Era yawulirako ne mukazi we, okwo, yagamba, yali takimanyanga okutuusa luno jjuuzi.

92 Omukyala yali, Oh, oyo ye, yali munakuwavu nnyo. ng'alwadde, ng'ayagala okusimba mu lunyiriri lw'abaali bagenda okusabirwa. Baali tebammanyi, era nga nange sibalabangako mu bulamu bwange. Kale yali awo ng'atudde ku — ku ddirisa ku olwo, omanyi, ng'atunudde ebweru nga mweraliikirivu, ng'asobeddwa, era nga yeegomba okufuna kaada y'okusabirwa, ayingire mu lunyiriri.

93 Kati, byali bwe biti, ku olwo yayingira mu lunyiriri, oba ku lwaddako, oba bwe kityo. Nzikiriza mu lunaku lwe lumu. Era n'ayingira mu lunyiriri. Kati bwe yatuuka eno ku kituuti, Omwoyo Omutukuvu n'Amugamba, nti, “Kati toli wa mu kitundu kino. Ova mu kibuga ekiyitibwa New Albany.”N'Ayongera n'Agamba, “Wabadde awo ng'otudde ku ddirisa, ng'otunudde ebweru, nga weeraliikirira oba onaafuna kaada y'okusabirwa.” emyaka giyise, naye kiikyo ku lutambi.

94 Kati olwo ku ntandikwa y'olukungaana, Omwoyo Omutukuvu nga waali . . . Olwo lwe lukunngaana lwe twasooka mwalimu n'abantu nga 3,000, ne tubeera ne 8,000 okutuuka ku 30,000. N'olw'ekyo mu . . . Bwe nnali njogerera ku . . . mu lumu ku lukunngaana ku ezo ezaasookera ddala, nnagamba, “Simanyi lwaki kino nkyogera,” kati, kiri ku lutambi. “Naye, kwe kugamba, tuli . . . Kino kigenda kuba ekimu ku bintu ebikulu mu biseera byange. Waliwo ekintu ekikulu ennyo ekigenda okubeerawo mu lukunngaana luno, okusinga ekintu ekirala omuntu yenna kye yali alabye.”

95 Essaawa zaali nga bbiri oba ssatu, nga waakayita ennaku kkumi, Malayika wa Mukama okuva lwe yalabika mu maaso g'abantu nga 30,000, n'akka, ekifaananyi ne kikubibwa. Gye kiri, na kati, kikuumirwa mu Washngton D.C., ng'ekimu ku bintu ebitali bya bulijjo ebyali bikubiddwa ekifaananyi mu nsi.

96 Era nnayogerako, mukimanyi, nnagamba lumu, nga ndi mu kutegeera obuziba bw'omu mwoyo nti, “Waliwo omuntu asiikiriziddwa ekisiikirize ky'okufa. Waliwo engeri y'ekizikiza, eky'ekisiikirize. Basemberera okufa.”

97 Engulu wano mu Eastern Pines, oba mu Southern Pines, nkakasa y'eyo, kyaliwo nga ndi eyo, mu lukunngaana olwasembayo. Bambi omukyala ng'atudde awo, era ekintu ne kimugamba, “Ekintu ekyo, kikube mangu ekifaananyi,” bwe nnali njogera n'omukyala oyo. Bwe kityo bwe kyali. Ndowooza kijja kutimbibwa ku lubaawo lw'amawulire; kimaze ebbanga, ggwanvuko. Kiriko ekizikiza ekikutte waggulu ku mukyala.

98 Yakuba ekifaananyi, ekirala amangu ddala nga Omwoyo Omutukuvu Yaakakirangirira. Olwo ne kivaawo. Yagamba, “Ogenda kuwonyezebwa. Mukama Akuwonyezza. Kookolo agenze.” Bwe kyali, omukyala yawonyezebwa. Mikiraba? Ky'ekyo. Mukiraba?

99 Kiraga bulazi nti Katonda Amanyi ebiseera bye tulimu. Ffe tetumanyi. Tulina kumugondera bugondezi.

100 Kati, tuyinza okugenda mu maaso nga twogera bwogezi, naye kati ka tukkirireko wano, akaseera katono, tukwate ku Kabonero kano ak'emabega, tulyoke tusobole okukakwataganya nakyo. Kati, ka twejjukanyeemu, okumala aka . . . akaseera, e — kali, Akabonero Akasooka.

101 Mu kubembula Akabonero Akasooka, twakyetegereza nti, Setaani alina e — omusajja munaddiini, ow'ekitalo. Omuvuzi w'embalaasi eyo enjeru mwamwetegereza? Oyo bo, gwe baalowooza okuba nti ye yali e . . . Ekkanisa eyasooka ng'egenda mu maaso; naye, oh, owange, ekyo kye kiyigiriziddwa okumala emyaka gyonna, naye tekisobola kuba ekyo. Ggwe kati wekkaanye abalala bonna, bwe tunaabateeka awamu, olwo mulabe wa nga bwe kiri, olaba. Kati, era sinnaba kumanya abalala bonna bwe bagenda okuba. Wabula kye mmanyi kiri nti kirina okujjira ddala awo wennyini, kubanga ge Mazima. Ge Mazima. Oyo ge gaali amadaala g'obufuzi mu Ekereziya y'e Rooma. Ky'ekyo kyennyini.

102 Bano abantu abalowooza nti Abayudaaya ye mulabe wa Kristo, ddala bali wala nnyo bukadde bwa mmayiro okuva ku mazima. Temulowoozanga nti Abayudaaya balabe ba Kristo. Amaaso gaabwe gaazibibwa, olw'ekigendererwa, ffe tusobole okufuna ekkubo we tuyingirira, ne tuweebwa ekiseera eky'okwenenya.

103 Naye omulabe wa Kristo wa mu Baamawanga. Ddala bwe kiri. Ageegeenya Amazima; Omulabe, “awakanya.” Kati, omusajja ono ow'ekitalo, oh, engeri gye yafuuka omusajja ow'ekitalo, ate — ate olwo ku nkomerero n'atuuzibwa ku nnamulondo. Kati olwo, ng'amaze okutuuzibwa ku nnamulondo, yatikkirwa engule. Era kati, ye, oluvannyuma lw'ekyo, n'asinzibwa mu kifo kya Katonda.

104 Kati, laba, ekyo nga tekinnajja. Njagala mbeeko kye mbabuuza. Oyo yali ani? Kiki ekyo ekyali ku Pawulo, mu 2 Bassessaloniika 2:3, ekyagamba nti omuntu oyo alijja? Lwaki omusajja oyo yalengera ewala mu myaka n'akiraba? Yali nnabbi wa Katonda. Awatali kubuusabuusa. Lwaki kya . . .

105 Yagamba, “Omwoyo Ayogera lwatu, nti mu nnaku ez'oluvannyuma abantu baliva ku kukkiriza, bawulirize okukyamizibwa . . .” Mumanyi okusendasenda kye kitegeeza. Omwoyo ogusendasenda mu kkanisa, ogwo ye kabona. “Okusendasenda, mwoyo gw'obwakabona enkola y'emizimu; obunnanfuusi mu kkanisa.”

106 “Abakakanyavu, abeegulumiza, amagezi, mulaba, abagezi, abategeevu; ”nga balina ekifaananyi eky'okutya Katonda.“ (Genda bugenzi, ogambe, ”kale, ffe Bakulisitaayo; tusaanye tugende mu kkanisa.“) ”Nga balina

ekifaananyi eky'okutya Katonda, naye nga beegaana okubikkulirwa, amaanyi, n'enkola ey'Omwoyo; abalinga abo mubakube amabega.“ Olaba? Kati weetegereze, yagamba, “Kubanga ab'engeri eno be basensera nju ku nju, ne bakulembera abakazi abazitoowereddwa ebibi . . .” Ekyo tekitegeeza bakazi abalina Omwoyo Omutukuvu. “Abakazi abazitoowereddwa ebibi n'okwegomba okw'engeri ezitali zimu.”

107 Okwegomba okutali kumu! Baagala okuyingira mu buli kantu konna, ne mu buli bibiina byonna; batambulire mu makubo gonna ge baagala, era, bagende mu maaso nga bagamba mbu, “Tugenda mu kkanisa. Tuli balungi okufaanana ng'abantu abalala bonna.“ Amazina, obubaga, basala enviiri zaabwe, okwesiiga langi, bambala byonna bye baagala; kyokka ne basigala nga bagamba nti, ”Tuli — tuli Bapentekoote. Tuli — tuli balungi ddala ng'abalala oh! Ebikolwa byo bye bikwoleka.Kituffu Weetegereze.

108 Naye yagamba, “Abayonooneka mu magezi gaabwe, abatasiimibwa mu kukkiriza.” Amazima kye ki? Ekigambo, ye Kristo.“ ”Ekikwata ku Mazima.“

109 “Oh, okola . . . Ggwe, owalabula abakazi. Okyawa abakazi. Okola kino, na kiri.”

110 Nedda, ssebo. Ekyo si bwe kiri. Obwo bu — kya bulimba. Sikyawa bakazi. Nedda, ssebo. Abo bannyinaze, bwe baba nga baaluganda. Wabula ekintu kye njagala . . .

111 Okwagala kugolola ensobi. Bwe kutagolola nsobi, okwo tekuba kwagala. Bwe kuba kutyo, olwo, bwe kuba nga kwe kwagala, kuba— kwe kwagala okw'obuntu so si okwagala okwa Katonda, ekyo nja kukibabuulira. Bayinza okuba n'okwagala okw'obuntu (Phileo) okutonotono eri omukyala alabika obulungi. Naye okwagala okwa Katonda (agapao) kyo kintu kya njawulo, okwo kwe kwagala okutereeza ekintu, ne kusisinkana Katonda eyo emitala gye tulibeera olubeerera. Mulaba? Ekyo si kye mbadde ntegeeza, mpozzi, nga bwe kiwulikise, naye nze . . . Mumanyi kye — nze . . . Nsuubira mutegedde. Kale.

112 Kati, naye, jjukira, yagamba, “Nga Yane ne Yambere bwe baaziyiza Musa, era nabo bwe balikola. Naye obusirusiru bwabwe bwalabisibwa mangu.”

113 Lwaki? Musa bwe yatumibwa okukola omulimu ogwalabika nga gwa kuleetawo enkyukakyuka ssinziggu, kyokka, yagenda nga mwesimbu nga bwe yali asobola. Katonda n'Amugamba okuddira omuggo guno, agusuule wansi,

gufuukemu omusota. Olwo, yakikola okumulaga nti kijja kubaawo. Era yayimirira mu maaso ga Falaawo, ddala Katonda nga bwe Yamulagira, n'asuula omuggo wansi, ne gufuukamu omusota.

114 Kati awatali kubuusabuusa, Falaawo yagamba, “Ako akakodyo ka wansi mu by'obulogo!” Kwe kugenda n'aleeta ababe ba Yane ne Yambere. N'agamba, “Naffe, ebyo tusobola okubikola.” N'asuula wansi emiggo gyabwe nagyo ne gifuuka emisota. Kati olwo Musa yalindikoze ki?

115 Kyali kiki ekyo? Kyaliwo kumulaga nti buli kintu kya Katonda kyannamaddala, setaani alina engeri gy'asobola okukigeegeenya. Ageegeenya alyoke akyamye abantu.

116 Musa kye yakola ki, bwe yagamba, “Ndowooza, nsobezza. Leka nzireyo”? Yayimirira buyimirizi, kubanga yali atuukirizza ekiragiro kye yaweebwa, mu bujjuvu bwakyo.

117 Olwo, kyolina okumanya, omusota gwa Musa gwamira omulala. Olaba? Wali ofumiitirizza ku kiki ekyatuuka ku musota guli omulala? Gwagenda wa? Musa yakwata omuggo n'agenda nagwo. Yagukozesa eby'amagero. Omusota ogwo gwali munda ya guli omulala. Ekyo kyewuunyisa, si bwe kiri? Yee, ssebo.

118 Kati, omulabe wa Kristo ajja mpolampola, mu musana. Njagala kino mukyetegereze. Kati, mmwe muwulira . . .

119 Kati, eri mikwano gyange Abakatoliki, mukwatirireeko katono, era kati; tugenda kulaba wa Abapulotestante; wa ffenna we tuli, mulaba.

120 Weetegereze, ekkanisa eyasooka, kuba Ekereziya Katolika egamba nti bo y'ekkanisa eyasooka, ekkanisa embereberye, ddala baali batuufu. Bwe bali. Baatandikira ku Pentekoote. Eyo Ekereziya Katolika gye yatandikira. Kati, ekyo nnali sikikkiriza, okutuusa lwe nnasoma ebyafaayo, ne nkisanga nga bwe kiri. Baatandika ku lwa Pentekoote, wabula ne batandika okuwaba, kati olaba wa gye bali.

121 Era singa Pentekoote ewabira ku misinde gye bawabirako kati, tekijja ku beetaagisa kuweza myaka 2,000. Emyaka kikumi okuva kati, bagenda kuba wala okusinga kati Ekereziya Katolika w'eri. Bwe kiri.

122 Naye weetegereze, engeri, y'omuvuzi ono ow'embalaasi enjeru. Kati, tukyakisimira musingi, katono, okutuusa lwe tunaakwata ku Kabonero kano. Kati weetegereze omuvuzi w'embalaasi enjeru, bwe yafuluma, ye — yaweerereza mu mitendera esatu. Setaani, nga bwe nnabalaga jjuuzi, ali mu tirinita, okufaananako nga Katonda. Naye ye setaani y'omu ekiseera kyonna, mu mitendera esatu. Weetegereze emitendera gye. Mu mutendera ogusooka, bwe yayingira . . .

123 Omwoyo Omutukuvu Yakka, abantu ne baba ng'ebintu byonna ba bikozeseza wamu. Era Mwoyo wa Katonda Yababeerako. Abatume ne bagendanga nju ku nju, nga bamenyanga omugaati mu bantu. Ne wabeerawo obubonero obw'ekitalo n'ebyamagero ne bikolebwa.

124 Kati — era olwo, kyolina okumanya, setaani yatandika okuleetawo okwemulugunya.

125 Olwo, nga wayise ekiseera, abaddu bano n'abaavu ab'omu nsi, abaafuna Omwoyo Omutukuvu, baafuluma ne bagenda mu bitundu ebitali bimu, nga bajulira. Baajulira eri bakama baabwe.

125 Oluvannyuma nga wayise ebbanga, baatandika okujja, oh, okugeza ng'abakungu b'amagye ne — n'abantu ab'engeri ez'enjawulo. Ab'ekitalo baatandika okulaba obuvumu bwabwe, ebyamagero n'obubonero abasajja bano bye baakola, kale ne bakkiriza Obukulisitaayo.

127 Kale, olwo, olaba, bwe yanywegera Obukulisitaayo, n'akkirira emmanga mu kifo we baali bakunngaanira, mu kasengesenge, akakadde akafunda; nga bakuba engalo zaabwe, nga baleekaana, nga boogera mu nnimi, era nga bafuna obubaka Kubanga, ebyo yali tasobola kubitwalira — munne gw'avuganya naye, oba omulala yenna, bwe bakola emirimu.“ ”Teyali wa kukikkiriza, mu ngeri eyo.“ Nedda n'akatono. N'olwekyo, yalina okukyambaza. Kale baatandika okwegatta, ne batandika okulowooza, “Kati tujja kutandikawo ekintu eky'enjawulo.”

128 Kati Yesu, mangu ddala, oluvannyuma lw'omulembe gw'ekkanisa ogwasooka, Yakibagamba. Wano mu ssuula eyookubiri mu Okubikkulirwa, “Waliwo kye mbavunaana, olw'ebikolwa bino eby'Abanikolayiti.”

129 Nikao, “okuwamba” abagoberezi. Ekitegeeza nti, baagala okukifuula, mu kifo ky'abantu bonna okubeera omuntu omu, baayagala omuntu omu okumufuula omutukuvu. Baayagala okukola engeri ya . . . Baayagala okukikola mu ngeri y'emu kyekuuse ku bukaafiiri, bwe baali bavuddemu, era ku nkomerero ne bakikola.

130 Kati mwekkaanye. Okusooka, “Nikolayiti.” Nikolayiti mu Bayibuli, yayitibwa “omulabe wa Kristo,” lwa kuba yali awakanya enjigiriza ya Kristo era ey'abatume eyasookawo.

131 Saagala kwatula linnya lya musajja ono. Musajja wa kitalo. Naye nnaliko mu lukunngaana lwe, wano emyaka mitono egiyise. Era yamanya nti nnalimu, kubanga nnamusika mu mukono. Yagamba, “Oh, omanyi, tulina abalinga abo be bayita Abapentekoote.” N'agamba, “Bo, beesigama ku Kitabo ky'Ebikolwa.” N'agenda mu maaso, “Olaba, Ebikolwa gaali madaala budaala okulinnyirwa olw'emirimu gy'ekkanisa.”

132 Oyinza okulowooza, nti omuntu asomye Bayibuli, omusajja omukulu omwegendereza, ng'ayize Bayibuli ng'omusajja oyo bwe yagiyiga, ate n'ayogera ekigambo ekifaanana bwe kityo? Tekiwulikika, teki . . . kyo — tekiwulikika ng'eky'Omwoyo Omutukuvu. Kale, tekisoboka na kubaawo, wantu wonna.

133 Kubanga, omuntu yenna alina amagezi ago bulijjo ategeera butegeezi nti ebikolwa by'Abatume tebyali bikolwa by'abatume. Byali ebikolwa eby'Omwoyo Omutukuvu mu batume. Temumanyi ngeri gye twakikwataganyizza mu mirembe gy'ekkanisa? Ng'ebiramu ebyo ebyali bitudde awo, nga bitunuulidde essanduuko. Matayo, Makko, Lukka ne Yokaana, nga biyimiridde awo, nga bigikuuma. Era ekiva mu ebyo, bwe buwandiike bwa Matayo, Makko, Lukka, ne Yokaana.

134 Ebyo bye byabala ku muti, ettabi lyagwo eryasooka, era ekyo kye kyaliwo. Era singa omuti ogwo guleeta ettabi eddala, emabega waalyo bajja kuwandiika ekitabo ekirala eky'Ebikolwa. Kubanga, olaba, Obulamu bwe bumu bwe bulina okuba mu kintu kye kimu.

135 Kale kati, leero, bwe tutunula mu makanisa gaffe ag'ebibiina by'amadiini, Abamethodist, Ababaptist, Abapresbyterian, Abaluther,

Ab'ekkanisa ya Kristo (nga bwe beeyita), n'Abapentekoote n'ebirala, tugasanga wa? Tolina woogasanga.

136 Nja kukkiriza nti Abapentekoote ku baliwo, be balina ekisinga okuba okumpi nakyo, kubanga bali wano mu Mulembe w'Ekkanisa ya Lawodikiya. Baalina Amazima ne bagagaana. Baaddirira ne bafuuka ba kibuguumirize nga bagalina, Katonda n'Abasesema mu kamwa Ke. Ekyo bwe kityo bwe kiri ddala okusinziira ku Byawandiikibwa.

137 Ebyawandiikibwa toyinza kubifuula bya bulimba. Olaba? Lubeerera, bijjanga kuba bya mazima. Togezaako ku . . . Ekintu kiri kimu kyokka, togezaako kutwalira birowoozo byo ku . . . Oba Ebyawandiikibwa okubitwalira ku birowoozo byo. Wabula gendera ku Byawandiikibwa. Olwo onaaba ogendera wamu ne Katonda. Si nsonga ne bw'onaaba nga by'ovuddeko byenkana wa obungi, oba by'olese, ekyo ky'oba ogenderako. Olaba ?

138 Laba kye yakola omulundi gwe yasooka okujja. Kale, oba Katonda bw'Atyo bwe Yakola omulundi ogwasooka, bw'Atyo bw'Alina o kukola n'omulundi ogwokubiri. Bw'Atyo bw'Alina okukola buli mulundi, bwe kitaba bwe kityo Aba Yakola nsobi omulundi ogwasooka. Laba, ffe ng'abantu ab'emibiri egivunda, tusobola okusobya. Katonda Tasobola.

139 Katonda ky'Asalawo okusooka kiba kituukiridde. Era engeri gye Yalondawo okukolamu ebintu, tewayinza kubaawo ngeri ndala esingako, obulungi. Tasobola kugirongoosaamu, kubanga ku ntandikwa kiba kituufu ddala. Bwe kitaba, kitegeeza abeerako ekkomo. Kale nga bwataliiko kkomo, olwo Aba Amanyi Byonna. Kati kubanga Amanyi byonna, Abeera Ayinza byonna. Amiina! Alina kubeera bw'Atyo, okuba Katonda. Mukiraba? N'olw'ekyo gg we — tosobola kugamba, kati, “Yeeyongeddeko okuyiga.” Teyeeyongerako kuyiga, Ye — ye nsibuko y'amagezi gonna. Olaba?

140 Amagezi agaffe wano gaava wa setaani. Twagasikira kuva mu Adeni we, twawaanyisiza okukkiriza ne tutwalamu amagezi. Kaawa yakikola.

141 Kati, okusooka yayitibwa mulabe wa Kristo. Omutendera ogwaddako, yayitibwa nnabbi ow'obulimba, kubanga omwoyo ogwo mu bantu gwayingira mu mubiri.

142 Mujjukira, omuvuzi w'embalaasi enjeru mu kiseera kino, bwe yatandika teyalina ngule, naye olwo na . . . Yaweebwa engule. Lwaki? Okusooka, gwali mwoyo gwa Nikolayiti; ne guyingira mu muntu; ne gutikkirwa engule, ne gufuna entebe ne gutikkirwa engule. Olwo n'akolera awo okumala ebbanga ggwanvu, nga bwe tunaalaba ffe . . . Ng'Obubonero bubembulwa.

143 Kati olwo tukizuula, oluvannyuma lw'ebbanga eryo eddene, Setaani yagobebwa mu Ggulu. Yakka wansi, okusinziira ku Byawandiikibwa, ne yeewanngamya ku ntebe. Gwe fumiitiriza, yeetuuza ku ntebe mu muntu oyo, n'afuuka ensolo. Yalina obuyinza, obuyinza obw'oku ntikko, era bw'atyo, n'akola ebyamagero byonna na buli kimu, nti — nti, okutta kwonna n'okulwana kwonna okw'okuyiwa omusaayi na buli kimu ekya — kyonna Rooma ky'esobola okukola. Kale. Yatta, ng'akozesa ekibonerezo kya Rooma mu bukambwe. Kwe kugamba, oh, singa wano tuyingirako mu Byawandiikibwa!

144 Jjukira, Yesu Kristo Yafiira mu kibonerezo kya Rooma, ekibonerezo eky'okuttibwa.

145 Obubaka bwe nnina mu mutima gwange bwe nngenda okubuulira wano mu lukunngaana olujja, ku Lwokutaano Olutukuvu olweggulo, ebintu bino ebisatu, oba ebina, mulaba. “Ne Bamukomerererera eyo.” “Eyo,” ekifo, ekisingayo obutukuvu mu by'eddiini mu nsi kyali Yerusaalemi. “Bo,” abantu abasingayo (nga bwe baalowoozebwa) okuba abatukuvu mu nsi yonna, Abayudaaya. “Awo we baakomererera,” ekibonerezo ekisingayo okuba eky'obukambwe Rooma kye yali esobola okuwa. “Akomererwe” Ani? Omuntu asingayo obukulu eyali abadde mu nsi. “Ne Bamukomerererera eyo.” Oh, owange!

146 Katonda nnyamba okukiyingiza mu bantu abo aba businessmen, okubalaga wa we bayimiridde. Kale. Kati, si kuba mwawufu, si kuba mubi; naye ekyo okukinyeenyeza ddala, ab'oluganda abo basobole okulaba nti ebitiibwa byabwe abasosodooti baabwe abatukuvu, n'ebintu bye bawandiika mu katabo ako akayitibwa Business Men's Journal, tebiriimu magezi. Abakulisitaayo tebateekwa kuyita muntu yenna, “Kitaffe.” Ekyo baakitandika. Ngezezzaako okubayamba mu buli kintu kye nsobola. Kale mulaba wa olutambi luno gye lugenda. N'olw'ekyo, ndi mu katyabaga. Ddala ssirina kya kulukolera. Kale. Okusooka, mujjukire Kristo.

147 Okusooka, nga Niko- . . . Nikolayiti, omulembe gwa Nikolayiti gwasaba ki? Gwasaba okuva ku kibiina ky'abantu abo abaleekaana, ne bakuba engalo zaabwe, ne balabika ng'abagwagwa; nga bwe baakola ku lwa Pentekoote, ne beeyisa ng'abatamiivu, nga batagala mu Mwoyo, n'ebirala. Tebaayagala wadde ekimu ku bintu ebyo. Baagamba nti baali batamidde. Era ab'ebitiibwa . . . Wuliriza! Kino tekikuyitako. Kiyinza okuwulikika gy'oli nga kya kiralu, naye ge Mazima. Abe — ab'ebitiibwa bwe baatandika okuyingira, baali tebasobola kukka wansi kwetoowaza ku ekyo.

148 Katonda ekimufuula Omukulu kiri nti lwa kuba Mukulu ekimala okusobola okwetoowaza ne Yefuula owa wansi. Ekyo kye kimufuula Omukulu. Teri kisingawo bukulu, Yessa wansi ennyo omuntu omulala yenna w'ateeteekangako, era w'atasobola kweteeka. Ye Yali Kabaka ow'omu Ggulu, n'Akka mu — mu kibuga ekisingayo okuba ekya wansi ku nsi, Yeriko. Yakka nnyo wansi okutuuka omuntu asingayo obumpi mu kibuga bwe yamulabira waggulu. Ekyo si bwe kiri? Zaakayo. Ekyo bwe kiri. Yayitibwa erinnya erisingayo okuba ebbi omuntu yenna lye yali asobola okuyitibwa, “omulogo, setaani, Beeruzebuli.” Bw'etyo ensi bwe yamutwala. Yafa okufa okusingayo okuba okw'ekikambwe. Teyalina kifo kya kuteekamu mutwe Gwe. N'agobebwa buli kibiina kya ddiini.

149 Naye Katonda bwe Yamugulumiza wagulu ennyo, yatumbiira nnyo ne kiba nti okulaba Eggulu Alina kutunula wansi laba engeri y'obukkakkamu, Katonda gy'Alimu. Mulaba? N'Amuwa Erinnya ekkulu ennyo ekika kyonna mu Ggulu ne kiba nti kyabbulwamu Ye, na buli kika ku nsi. Ebika byonna eby'oku — eby'oku nsi. Ekika kyonna eky'oku nsi kiyitibwa Linnya lya “Yesu.” Ebika byonna mu Ggulu biyitibwa Linnya lya “Yesu.” Era Erinnya eryo, ly'eryo, buli vviivi lye lifukaamirira na buli lulimi lye lwatula, kubanga Ye Mukama; ka wabeere wano oba mu magombe. Amagombe galivunnamira. Buli kintu kyonna kirivunnamira. Mulaba? Naye okusooka kwali kwetoowaza, oluvannyuma ne lifuuka ekkulu. Olaba? Leka Katonda Agulumize. “Oyo eyeetoowaza, Katonda Alimugulumiza.” Olaba?

150 Kati, twetegereza nti omwoyo guno ogwa “Niko” gwayagala amagezi, mugezi. Gwalina okukisambajja, nga bwe kyali mu Adeni, ne gusambajja Ekigambo kya Katonda, nga gukozesa amagezi, n'ekkanisa n'ewabira ku ekyo. Kyali ki?

151 Kati, ka tugambe, tutwale ekkanisa eno wano, era tuddire n'abantu bano wano tubatwale nga be baffe. Tube nga abatajjudde Mwoyo wa nnamaddala. Era ka tugambe, nti . . . Kati, tewali kye tunenya ku mukulu w'ekibuga. Ndowooza ssimumanyi, Mwami Bottorff. Akyali mukulu wa kibuga, Mwami Bottorff? Olaba, si . . . Mwami Bottorff mukwano gwange nnyo, olaba. Naye, ka tugambe, omukulu w'ekibuga, n'ekitongole kyonna ekya poliisi, ne — n'abakuuma ddembe bonna, era bo — bonna ne bajja wano. Ekisooka, bwe baba n'akantu akatono mu mitwe gyabwe, ne batandika okwogera eri akakiiko n'abantu abeetoolodde wano, ne bagamba, “Kati mukimanyi? Kino kiteekwa kuba mu ngeri ndala.” Bwe muba temwajjuzibwa Mwoyo Mutukuvu, era nga n'ali ku kituuti naye teyajjuzibwa Mwoyo Mutukuvu, ekintu ekisooka, mujja kuba awo nga mubaweereza. Oba oli awo si mulembe guno; mpozzi ogwo ogunaddako.

152 Era bwe kityo bwe kyatandika. Olaba? Lwaki? Baagiranga ne bagamba, “Labayo, kituufu.” Ggwe, wandikiwulirizza.

153 Ka tugambe singa omuntu ajja wano, n'agamba, “Akakanisa kano kayitiridde obutono. Tuzimbe ekkanisa ennene. Nja ku bazimbirawo awo ennene, eya . . . Eya ssente eziwera, ekitundu ky'akakadde ka ddoola. Ze zinaakozesebwa. Nja kukiranga.” Ekyo bwe bakikola, omanyi, olwo baba bafunye oluwenda; emirundi mwenda ku kkumi, okukola ebyabwe. Kyolina okumanya, olwo, bw'akikola, olwo ebintu aba abikolera mu kwegwanyiza. “Oba tosobola kubaako kyoyogera kubanga ow'oluganda John Doe atudde wali, y'akulira eby'ensimbi mu kkanisa eno.” Olaba? Ate olwo n'ofunayo kazannyirizi okuva mu sseminaaliyo, atalina na kyamanyi wadde n'akatono ku Katonda, era ajja kujja awo aweereze ssenkaggale oyo kubanga amugulira emmotoka empya buli kiseera, olwo ne beevuga, n'amugulira kino, na kiri n'ebirala.

154 Kati, eyo y'engeri yennyini gye kyatandikamu. Ky'ekyo. Weetegereze, okutegeera n'amagezi! Baagamba, “Kati mulabe wano, kino si kya magezi? Kati, e . . . Abaffe — abakazi baffe, okubeera n'enviiri n'obutaba nazo kireetawo njawulo ki?” Naye Bayibuli egamba nti kirina enjawulo. Kuggyako kintu kimu kyokka, n'okyawula ku bikumi n'ebikumi ebirala. Olaba? Kirinawo enjawulo. Katonda Yagamba nti kya njawulo, n'olw'ekyo kya njawulo.

155 Naye, olaba, ekyo bwe bakitandika, akakiiko k'abawanika, abadiikoni na buli kintu, kyolina okumanya, omusumba aba alina kuyingira oba si ekyo

okufuluma. Ky'ekyo kyokka. Mulabe, abantu be baakikubira akalulu ne kiyitamu. Ky'ekyo.

156 Kati weetegereze, omwoyo ogwo gwatandika okukola, kati ekkanisa yafuna abo, abo, abalina ebitiibwa ebisusse, ebintu eby'ekitalo ebingi, ne ssente empitirivu zajja, okutuusa lwe baatandika okubiwuliriza ne bibasuula, obubi bwa setaani.

157 Era ekyo ky'ekintu kyennyini Kaawa kye yakola mu lusuku Adeni. Kati, ekyo mukiwulire. Ekyo bwe kiri. Mulabe, omukazi omutonde, omugole wa Adamu, nga Adamu tanajja gy'ali ng'omukyala, yagwa mu nkola ya Setaani erwanyisa Ekigambo kya Katonda, ng'ekiwakanya. Adamu yali tannasula na Kaawa nga mukyala we, Setaani awo we yamukubira. Ekyo bwe kiri. Mwawulira Omuti Omugole, gwe nnabuulirako. Obubaka obwo bwe bukyogerako, mulaba. Kale. Kati weetegereze, awo, Kaawa we yagwira olw'okukubaganya ebirowoozo. Kati ye, Setaani, yagezaako okukikubaganyaako ebirowoozo. Kaawa n'agamba, “Naye Mukama Yagamba . . .”

158 Setaani n'agamba, “Oh, omanyi, naye mazima ddala Mukama Tajja. Olaba? Ggwe, weetaaga okuba omugezi. Weetaaga okubaako ky'omanya. Kubanga, ggwe oli omwana bwana kasiru. Olaba? Osaanye okubaako ky'omanya.” Oyo bw'ataba Setaani! Oyo bw'aba nga si ye setaani! Oh, abange!

159 Abo bwe baba nga si be bano, abantu ab'omulembe, olaba, “Oh, abo bazoole buzoole. Temubawuliriza, mulaba. Temugenda . . . Olaba?”

160 Kati, omugole omutonde eyasooka, mu lubu lw'abantu, Bba yali tannaba kujja gy'ali, yagwa okuva mu kisa, olw'okuwuliriza obulimba bwa setaani, nga Katonda Amaze n'okumuteekako olukomera lw'Ekigambo Kye. Singa yasigala mu Kigambo, teyandigudde. Kati oyo ye w'obutonde, weetegereze, omukazi ow'omubiri.

161 Ate ekikolimo kyali ki, ekikolimo kyennyini eky'okufuluma okuva mu Kigambo kya Katonda?

162 Kati jjukira, yakikkiriza 98 ku 100. Naye osuulako ekintu kimu kyokka. Olaba? Kyonna yakikkiriza. Oh, ddala ddala. Kino bwe yakyogera, ne Setaani n'akkiriza nti ekyo bwe kiri. Naye singa afuna w'akufunziza, ekyo kyokka ky'ayagala. Mulaba? Kyolina okukola kyokka kwe kukyusa mu ssasi katono

bw'oti, terigenda kuteeba ky'okuba. Mulaba? Ky'ekyo kyokka. Kati, yakikkirizaako bingi, kyokka n'akisubwa.

163 Kati, era e —n'ekyavaamu, kubanga yaleka Ekigambo, olw'akasonga akatono ennyo.

164 Kale, kati ogamba “Ate bo abakazi?” oba, “Lwaki oyagala okwogera ku kintu ekifaanana bwe kityo?” so nga busonga butono obwo. “Kireetawo njawulo ki oba bwe bukakafu obusooka oba nedda?” Kiriko ekintu ekikikwatako! Olina . . .

165 Kirina okutereezebwa. Kumpi twamala gakitwala butwazi, okuyita mu mirembe omusanvu egy'ekkanisa, bwe kityo. Naye essaawa etuuse kaakati Katonda Akyogera. Takyogera bwogezi kyokka, naye Akiraga, era Akyoleka, n'Akikakasa. Ekyo bwe kiri. Bw'Atakikola, olwo taba Katonda, ky'ekyo. Katonda Ayimiririra Kigambo Kye.

166 Kati weetegereze. Omukazi ow'omubiri yavaako okufa okw'omubiri, kubanga yawuliriza mu kukubaganya ebirowoozo, yeefuule omugezi, okwegeziwaza mu kifo ky'okubeera mu Kigambo n'okukola Katonda kye Yamugamba. Yayagala amagezi, n'okubeera omugezi. Yawuliriza mu kukubaganya ebirowoozo, era — n'asuula olubu lw'abantu lwonna. Mukiraba?

167 Kati, mu kiseera kino, omukazi ow'omwoyo, Omugole wa Kristo oyo eyatandika ku lunaku lwa Pentekoote, n'Ekkanisa y'Abatume eyasooka, ekintu kye kimu kye yasuula mu Lukiiko lw'e Nikyeya. Lee, omanyi nti ekyo bwe kiri. Era e — mu lukiiko lw'e Nikyeya, bwe yawaanyisa obusika bwe obw'omwoyo, okufunamu amakanisa ga Constantine amanene n'ebintu Constantine bye yabaweera eyo, n'atunda obusika bwe obw'omwoyo olw'ebikwate bya Rooma. Kati, ekyo kikakanyavu ku Bakatoliki. naye Abapulotesitante bakoledde ddala ekintu kye kimu kyennyini, balagibwa wano, mu Bayibuli, ng'omuwala “ow'omwenzi, owa Malaaya.” Ekyo bwe kiri ddala, bonna bonna! Tewali akibuuka.

168 Naye bulijjo ebweru eyo esigaddengayo abatono, ebbanga lyonna, abo be bagenda okuba Omugole.

169 Weetegereze, yasuula obusika bwe, laba, nga bba tannaba kugenda gy'ali. Olaba? Ng'embaga tennaba kubaawo, yawemuka.

170 Era kati mujjukira ekyaliwo, yagamba, “Ntudde nga kabaka. Tewali kye nneetaaga,” eyo mu Mulembe ogwo ogwa Lawodiikiya. “Ndi mugagga era nneeyongeddeko ebintu, n'ebirala. Kati, oh, ensi yonna nze gw'etunuulidde. Nze kkanisa ey'ekitalo, entukuvu, nebirala. Awo we tutuuse,” omulembe gwonna.

171 Yagamba, “Tomanyi ng'oli bwereere, omuzibe, omunaku, asaasirwa, omwavu ate nga tokimanyi.” Eyo y'embeera. Kati oba ng'Omwoyo Omutukuvu Yagamba nti embeera bw'etyo bw'eriba mu nnaku ezisembayo, bw'etyo bw'eri! Tewali ngeri yaakugyebalama. Bw'etyo bw'eri.

172 Kati mwekkaanye. Kati, bwe yatunda obusika bwe, eddembe lye eddungi, ery'Ekigambo, kiki kye yakola? Kaawa bwe yakikola, yasuula obutonde; obutonde bwonna bwagwa ku lulwe.

173 Kati mwetegereze, era n'ekkanisa bwe yakikola, n'ekkiriza ebiyiiye mu kifo ky'Ekigambo, yakolimira enkola yonna. Buli nkola yonna ey'ekibiina ky'eddiini eyali ebaddewo, oba yonna eribaawo, yonna yakolimirwa, wamu nayo n'egwa, kubanga tewali ngeri ndala.

174 Bw'okunngaanya abantu awamu okubaako kye muteesa ono alowooza kino omulala alowooza kiri, n'omulala alowooza kino. Era olwo byonna ne babiteeka wamu, ne babyekebejja, era, ekivaamu, ky'ekyo ky'oba nakyo.

175 Ekyo kyennyini kye baakola mu Lukiiko lw'e Nikyeya. Ky'ekyo kyennyini kye baakola ku Kkanisa y'Abamethodist, Abapresbyterian, eya ba Church of Christ, n'endala zonna. Era tewali muntu yenna, si nsonga kiki Katonda ky'Amubikkulira, ateekwa kukiyigiriza kusinziira ku ngeri gye bakisembamu, ebikwate byabwe — ebikwate bwe bikyogera, oba si ekyo bajja kukugoba. Kati, tombuulira. Mbaddeyo, olaba, ekyo nkimanyi.

176 Era ekyo kyennyini kye kibaddeyo, n'olw'ekyo ekintu kyonna mu bulamba kikolimire. Malayika kye yava agamba, “Mukifulumemu, mmwe abantu bange, muleme okuweebwa ku bibonyoobonyo bye.” Kubanga, agenda ku . . . Yakolimirwa, era alina okuyita mu kikolimo ky'obusungu bwa Katonda, olw'okuba yatunda empisa ze n'eddembe lye. Olaba? Naye . . . Oh, owange!

177 Naye, jjukira. Bw'olaba embeera eyo yonna, naye ate Katonda Yasuubiza, mu Yoweeri 2:25, oba mwagala okukiwandiika, “Mu nnaku ezisembayo . . .”

178 Bwe yagamba, “Ebyo akawuka bye kafissizzaawo, enzige ebiridde; n'ebyo enzige bye yafissizzaawo, e — akaacaaka kabiridde; akaacaaka bye kalidde . . .” N'okweyongerayo, kiwuka ku kiwuka bye byajjanga ne birya ekkanisa eyo okutuusa ku nkomerero lwe waasigalawo kikonge bukonge. Wekkaanye! Abaruumi bye baafissaawo, Abaluther babiridde; Abaluther bye bafissizzaawo, Abamethodist babiridde; Abamethodist bye bafissizzaawo Abapentekoote babiridde; olaba, okutuusa lwe wasigaddewo kikonge.

179 Ye mukimanyi? Singa oddira ebiwuka ebyo, enzige n'akaacaaka, n'ebirala, n'obirondoola okumalako e — Ekitabo, ojja kukizuula. Kiwuka kye kimu mu mitendera egy'enjawulo.

180 Nyweza ensonga yo: N'obubonero buno bwe butyo bwe buli! Kiwuka kye kimu. Mugenda kukiraba bwe tunaakiggyayo, kale kati ka nkibabuulire. Kiwuka kye kimu, ekiseera kyonna. Obwo obuwuka buli buna; buna wano. Era bwe bwo, ekintu kye kimu. Mwoyo gwe gumu. Akamu kye kaafissaawo, akalala kye kaalya; Kano kye kaafissaawo, akalala kye kaalya; bwe butyo, okutuusa lwe bwalekawo kikonge.

181 Naye Yoweeri yagamba, “Ndizzaawo, bw'Ayogera Mukama, emyaka gyonna akaacaaka gye kalidde.”

182 Kiki ekyo? Alikikola atya; bwe kiba, nga kyatandika ng'omulabe wa Kristo, nga kiwakanya enjigiriza ya Kristo, ekyatoola ebiragiro mu kifo ky'Ekigambo? Era okuyita mu myaka abaddaabuluzi nga Bayibuli bwe yayogera, bagyekebezze.

183 “Naye mu nnaku ezisembayo, mu kufuuwa . . .” Okubikkulirwa 10:1-7, Yagamba, “Ebyama bya Katonda biriba biwedde mu nnaku ezisembayo, Malayika Owoomusanvu w'alifuuyira.” Malaki 4, yagamba nti “Alituma Eriya ng'olunaku olwo olubi terunnajja ku nsi, lw'Aligyokya ng'ekikoomi. Era alizzaawo, n'okukomyawo e — abaana ku kukkiriza kwa bakitaabwe,” okukkiriza, okw'abatume okwasooka, okwa Pentekoote okwasooka kwe Yasuubiza okuzzaawo. Kaakati, ekyo kyeraga bwerazi ng'Ebyawandiikibwa

bwe bikyogera. Kati kyasuubizibwa. Era oba tuli mu nnaku ezisembayo, wateekwa okubeerawo ekibaawo. Olaba? Kati weekiri, era tukiraba.

184 Weetegereze obusatu bwa Setaani. Muntu y'omu y'ajja; ng'ali mu mubiri, ava mu gumu n'ayingira mu mulala. Bwe bityo ebiwuka ebyo bwe byakola, ng'ekimu kivaawo ekirala ne kiddawo. Ky'ekyo kyennyini. Nikolayiti, “omulabe wa Kristo mu mwoyo.” Ppaapa, “nnabbi ow'obulimba.” “Ensolo,” setaani yennyini, ng'ali mu mubiri. Tasobola kukikola . . .

185 Kati, ekyo temukyerabira kati. Bwe mugoberera kino, mujja kulaba abatudde ku mbalaasi bano nga bagyiira ddala mu ekyo. Mulaba, mbakubira wano ekifaananyi. Singa nkitadde ku lubaawo, mwandikitegedde okusingawo. Mulaba, nnekaanya.

186 Okusooka, kati. Mujjukire kino. Ekintu ekisooka kyali, ye “gwe mwoyo omulabe wa Kristo.” Yokaana bw'atyo bwe yagamba. “Abaana abato, omwoyo omulabe wa Kristo gwatandika dda okukolera mu baana ab'obujeemu.” Laba, ensigo eyo yatandika okukola. Olwo n'efuuka engeri ye “enjogera,” mu mulembe gw'ekkanisa ogwaddirira. Mu mulembe gw'ekkanisa ogwaddako, yafuuka “njigiriza.” Mu mulembe gw'ekkanisa ogwaddako, n'etikkirwa “engule.” Ekyo tekyeraga lwatu nga bwe kisomebwa, buli ngeri yonna gy'okisomamu? Olaba? Olaba, bw'atyo bw'Ajja.

187 Kati, okusooka, yayitibwa (ki?) “Mwoyo omulabe wa Kristo,” kubanga yali awakanya Ekigambo. Ekyo kye kyakitandika. Ekyo kyennyini kye kyakola ekintu kyonna, kwali kwawukana ku Kigambo kya Katonda. Si lwa kuba nti oba oli awo Kaawa lumu yakuba Kayini. Mulaba? Ekyo si kye kyakireeta. Ekyavaako omutawaana gwonna kyali nti yava ku Kigambo. Omukazi yava ku Kigambo. Era ekyasooka, kwe kutandika obwamalaaya mu kkanisa ya Katonda Omulamu, Omugole wa Kristo, yava ku Kigambo n'akkiriza ebiragiro bya Rooma mu kifo ky'Ekigambo kya Katonda. Kiki ekituuse ku buli kibiina? Baakolera ddala ekintu kye kimu kyennyini.

188 Kati, wabula Yasuubiza nti mu nnaku ezisembayo Alikolawo ekkubo Azzeewo nate. Ekigambo kya Mukama kigwe ku nsi, nga bwe Yakola ku lubereberye, era, oh, kirizzaawo (ki?) Ekyo ekyakitandika. “Awakanya Ekigambo.” Era omuntu ono kiki ky'alina okukola, bw'ajja ng'afukiddwako Omwoyo wa Katonda. Akomyawo bukomi “okukkiriza kw'abaana eri

bakitaabwe." Eyo y'engeri gy'Azzaawo. Kati Ekigambo kino kye kimu okisanga mu kifo kye kimu kye kirimu wano, kigenda kukola ekintu kye kimu.

189 Yesu Yagamba, "Omuntu yenna bw'aba nga Wange! Oyo anzikiriza Nze, emirimu gye Nkola naye aligikola." Bwe baamusaba okukola ebintu ebimu, Yagamba, "Nkola ekyo Kitange ky'Andaga. Siriiko kye Nkola nga Ssinnakiraba. Kye Ndaba Kitange ng'Akola, ekyo Nange kye Nkola. Kitange Akola, Nange ne Ndyoka Nkola." Mulaba? Temukiraba? Kubanga, kiringa asoma amawulire. Mulaba? Kati, kati, okusooka, olwo, afuuka "omulabe wa Kristo."

190 Kati, yali tasobola kuba mulabe wa Kristo mu mwoyo kyokka. Olwo, ate n'afuuka omulabe wa Kristo, era omwoyo ogwo gwakwata omuntu eyayigiriza ebintu bye bimu omulabe wa Kristo bye yali akola, olwo n'afuuka "nnabbi ow'obulimba," eri omwoyo omulabe wa Kristo. Kati ate ye omuntu mu kibiina ky'eddiini yeeyisa atya? Weesalirewo. Ssimanyi bw'okirowoozaako. Kale.

191 oluvannyuma afuuka "ensolo." Kati lindako, ekyo tujja kukikwatako oluvannyuma, olaba. Kale.

192 Kati, tirinita ya Setaani oba bw'etyo bw'eri; abeera Setaani, ekiseera kyonna. Setaani, "omwoyo omulabe wa Kristo." omwoyo omulabe wa Kristo, ng'ayambadde omubiri, "nnabbi ow'obulimba." Olwo, afuuka "ensolo." Mulaba? Bwa . . . Si muzimu, ogwali mu mulabe wa Kristo; naye Setaani yennyini ng'agobeddwa ebweru, akka n'atwala ekifo omuzimu we gubadde. Setaani, olwo, olwo setaani atuula mu muntu. Kiddamu buzzi okubeerawo.

193 Ky'ekyo Yuda Isikalyoti kye yali. Era kiki kye yakola? Yali omu ku bantu abaali abalabe ba Kristo? Kubanga, yali muwanika, yatambulanga naye. Mazima ddala. Yatambulira ddala nabo. Yafulumanga n'agoba emizimu, era n'akolera ddala ebintu bye bimu bye baakola.

194 Era Kristo gwe mubiri Katonda mwe Yatuula; Katonda, ng'Ali mu mubiri, Emmanweri. Ne Yuda ye yali omwana ow'okubula. Nga Yesu bwe Yali Omwana wa Katonda. Katonda mu mubiri; setaani mu mubiri.

195 Abantu abamu emisaalaba esatu gyokka gye baasobola okulaba mu kiseera ekyo. Gyali ena. E Gologoosa waaliyo esatu, gye tulaba. Yesu Ye Yali wakati, omubbi ku mukono Gwe ogwa kkono era n'omubbi ku mukono gwe ogwa ddyo.

196 Kati wekkaanye. Omubbi omu yagamba munne, oba yagamba Yesu, “Oba . . .” Kati, omanyi Ye ky'Ekigambo. Naye, “Oba nga Ggwe Kigambo, Iwaki Teweerokola? Toobeeko ky'okikolako?”

197 Ekintu ekyo kye kimu ennaku zino. Temunnawulira amasetaani gano ag'edda nga gajja ne gagamba, “Oba okkiririza mu kuwonyezebwa okw'obwakatonda, waliwo omuntu atalina maaso, Iwaki tobazibula maaso?” “Kale nziba amaaso! Kale nziba amaaso!” Setaani y'omu oyo ow'edda. Olaba? “Kka wansi ove ku musaalaba, tujja kukukkiriza.” “Oba nga ggwe Mwana wa Katonda, fuula amayinja gano emmere.” Setaani y'omu.

198 Baveeko buvi, mulaba. Nedda. Eyo y'engeri Yesu gye Yakola. Teyadda awo kubakolera katemba.

199 Baamusiba ekiremba ku mikono . . . ku maaso Ge ag'omuwendo, bwe batyo. Ne bakwata omuggo, ne bamukuba ku mutwe. Ne bagamba, “Tubuulire! oba oli nnabbi, kaakati tubuulire ani akukubye.” Ne batambuza omuggo, ku buli omu. “Kaakati tubuulire ani akukubye, kale tunakkiriza nti oli nnabbi.” Teyayasamya kamwa Ke. Yayimirira buyimirizi awo. Mukiraba? Takola katemba. Akola bukozi nga Kitaffe bw'Agamba, mulaba. Olaba? Baleke bagende mu maaso. Ekiseera kyabwe kijja. Tofaayo. Yee, ssebo. Kati, baakwata ku kyambalo Kye, ne batawulira maanyi.

200 Naye kakazi kattu, akaalina ekizibu, kaakwata bukwasi ku kyambalo Kye. n'Akyuka n'Agamba, “Ani Ankutteko?” Uh-huh. Kye ki? Okukwatako okw'enjawulo. Kisinziira ku ggwe amukwatako, mulaba, olaba, ekyo ky'okkiriza. Kati, mukiraba?

201 Kati, nga Setaani bw'agenda oku . . . ayingidde mu mubiri, avudde mu kuba omulabe wa Kristo n'afuuka nnabbi ow'obulimba kaakati. Era mu nnaku z'Omuyudaaya, abeera “mulabe wa Kristo,” nga ali mu kkanisa eyasooka. Mu Mirembe gy'Ekizikiza afuuka “nnabbi ow'obulimba,” eri ensi yonna. Omulabye nga bw'ali awo ne “ekikompe kye eky'emizizo”? Kati, ekyo kati kiri eri omulembe ogw'ekkanisa.

202 Naye mu mulembe oluvannyuma ng'Ekkanisa egenze Eka, afuuka nsolo, afuuka setaani mu mubiri, ogusota ogumyufu gwennyini. Oh, Owange! Temulaba kye ntegeeza? Olwo ali mu mibiri gy'abantu be. Abantu be abasibye n'amaanyi ge. Nnabbi ow'obulimba omwo, mwabalaguddeko. “Abawaayo eri

okukyamya okw'amaanyi, okukkiriza obulimba bubaleeteko akabi." "Nga beegaana Ekigambo; nga balina ekifaananyi eky'okutya Katonda."

203 Katonda, Akola ekifo Kye, mu mitendera esatu. Obutabalirwako musango; okutukuzibwa; era Ye Mwene Yayingira mu bantu Be, mu Kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu.

204 Ekintu kye kimu, Setaani ali mu kifaananyi ekyo, nga Kristo. Oh, Setaani atuula mu mubiri yennyini . . . Kati wekkaanye. Setaani . . .

205 Yesu bw'Atuula mu bantu Be, Obulamu bwennyini obwali mu Kristo buba buli mu muntu ono.

206 Kiki ekinaabaawo singa obulamu bw'omuzabbibu obuteeka mu nsujju? Tejja kuddayo kubala nsujju; ejja kubala zabbibu. Ate bw'oddira obulamu bw'omutugunda n'obuteeka mu muti ogwa ovakkedo? Buyinza okubala ovakkedo? Nedda. gujja kubala matugunda. Obulamu bwe bulaga kiki omuti ogwo kye guli. Olaba?

207 Bw'owulira ng'abantu bagamba, nti balina Omwoyo Omutukuvu, nate ne beegaana Ekigambo kino, waba waliwo ekintu ekikyamu. Omwoyo Omutukuvu ye Yawandiika Ekigambo ekyo.

208 Yesu Yagamba bw'Ati, "Omuntu bw'aba alina Omwoyo Wange mu ye, ajja kukola emirimu Gyange." Ekyo oyagala okukisoma? Wandyagadde okukiwandiika? kiri mu Yokaana Omutukuvu 14:12. Kale. "Oyo akkiriza Nze emirimu gye Nkola Nze, naye aligikola; era alikola egisinga egyo obunene; kubanga Nze nngenda eri Kitange." Mulaba? Olwo Amunaaza n'Amutukuza, alyoke asobole okuyimirira mu maaso ga Katonda. Ettondo lya bwino eryo ligwa awo, ne limusomosa olukonko. Mulaba?

209 Kati wekkaanye. Setaani, bwatuula mu bantu be, bakola emirimu gye yakola. Temulaba? Kiki kye yakola? Yajjira ddala eri omukazi ataalina musango, n'amulimbalimba. Era ekyo kyennyini agamu ku masetaani gano kye gakola. Gajjira ddala mu kifo ne gagamba . . . Awali omusumba eyaakatandika bambi, we gamusanze, ne gajja ne gagamba, "Oh, singa otwegattako!" Huh! Huh! Omulimu gwa setaani gwe gumu ogwo. Kati, ekyo bwe kiri! Setaani bw'ayambala omubiri mu kkanisa ye, n'afuuka omuseemya, olwo b'ebo

abatemula n'okutta, n'ebirala. Kubanga, Setaani okusooka, mussi; omulimba era a . . . Olaba? Kale.

210 Setaani akola ki, bw'aba ng'akola eky'okutuula mu mubiri mu bantu? Mulimu gwe okuba omukujjukuiju. Mukujjukujju. Noonya mu Bayibuli, ondage wa Katonda we Yakolaganira n'abantu abagezi. Kiyigge, olabe oba ng'abagezi bulijjo si be baliko setaani. Kigambo kinene, naye bwe kiri! Nkusoomooza okulondoola e — olunyiriri, okuva ku Abiri okutuuka ku Kayini; era, awo waliwo emirembe kkumi n'ena, giroondoole, olabe baani abaali abagezi, n'abo abaali abawombeefu. Uh-huh.

211 Lwaki abantu abafaanana bwe batyo Yesu si be Yalonda? Yalonda bavubi ba byennyanja n'abalala abaali batasobola na kuwandiika mannya gaabwe, okukulembera ekkanisa Ye. Ekyo bwe kiri. Amagezi — butaliimu; kwe — gawakanya Kristo. Bulijjo, amagezi ag'ensi gawakanya Kristo. Yesu Tatugambanga kugenda kuzimba zisseminaaliyo; takikolangako; kubeera n'amasomero ga Bayibuli. Yagamba, “Mubuulire Ekigambo! Mubuulire Njiri!” Kale Olwo oba nga Yagamba, “Obubonero buno bunaagendanga n'abakkiriza,” olaba, ojja kuba ng'oteekwa okuba ne . . . Amakulu nti, Yagamba, “Mugende muteeke mu nkola amaanyi ga Katonda eri amawanga gonna.”

212 mwekkaanye. Omulimu gwa Setaani kwe kukyamya Ekigambo kya Katonda okukifuula amagezi ag'okukubaganyaako ebirowoozo. Oh, owange! Oh! Olwo n'abalamba abantu be, ng'abagaanisa Ekigambo ekyasooka. Kati leka . . .

213 Munaasobola — musobola — munanngumiikirizaayo akaseera okutuusa lwe tunaafuna Kino? Kino, ssaagala mukisubwe. Leka mbalage ekifaananyi, musobole okukiraba, kyonna mu kifaananyi mu Kigambo na buli kintu. Mu — Tosobola . . . Temusaanye kuvaawo nga mutabuddwatabuddwa.

214 Mu Ndagaano Enkadde, omuntu bwe yabanga Atundiddwa mu buddu, waabangawo omwaka gwa Jjubiri buli luvannyuma lw'emyaka ataano omwaka ogw'ana-mu-omwenda ne waddawo Omwaka ogwa Jjubiri. Omuddu kino bwe yakiwuliranga, n'ayagala okusumululwa, te — tewaabangawo kintu kyonna kiyinza kumuziyiza kugenda nga wa ddembe. Yasuulanga busuuzi nkumbi ye, n'agamba, “ebbanga ly'eryo,” ne yeddirayo ewaabwe. Ekkondeere bwe lyavuganga. Ekyo bwe kiri.

215 Naye bw'ataayagalanga kugenda, n'aba nga mumativu ne mukama we, olwo yatwalibwanga mu — e — Yeekaalu, olwo ne baddira olukato . . . Olukato mulumanyi. Ne bafumita mu kutu kwe, ne bawummula ekituli mu kutu kwe. Ne kaba akabonero, nti takyayinza kuddayo. Si bwe kiri? Aba alina okuweereza mukamaawe ebbanga lyonna. Sifaayo mirundi emeka Jjubiri eyo gye yaddangamu okubeerawo, ka kibe ki. Yabanga amaze oku — ng'amaze okutunda eddembe lye, ery'okubeera ow'eddembe.

216 N'omuntu bw'agaana Amazima g'enjiri, Setaani amulamba (wa?) ku kutu. Amuziba amatu aleme okuddayo okuwulira Amazima, olwo ng'awedde. Asigala n'ekibiina ekyo ky'aba nakyo, bw'aba taawulire mazima. Tasobola.

217 “Mulimanya Amazima n'Amazima, galibafuula ab'eddembe.” Mulaba, Amazima omuntu gamufuula ow'eddembe.

218 Katonda ababe bwe bajja abalamba. Katonda ababe Yabalamba ng'Akakasa Ekigambo kye mu bo kye Yasuubiza. Ky'ekyo kyennyini, Yokaana 14:12. n'ekirala, bwe muba mwagala okukiwandiika, Makko 16. Yesu Yagamba, “Obubonero buno bunaagendanga n'abo abakkiriza.”

219 Kati, ekyo leka tukikwateko okumala akaseera. Yali Asaaga? [Ekibiina kiddamu, “nedda”-Omuk.] Yali Ategeeza ba . . . Yali ategeeza batume bokka ng'abamu bwe batugamba? [“Nedda.”]

220 Mwekkaanye. Musome omusingi gwakyo. “Mugende mu . . .” Wa? [Ekibiina kiddamu, “Mu nsi yonna.” — Omuk.] “Mu nsi yonna.” Mubuulire enjiri eno eri . . .“ Ki? [Ebitonde byonna.”] “Ebitonde byonna.” Tetunnamalako wadde ekimu ekyokusatu. “Obubonero buno bujja kugobereranga wonna mu nsi, eri buli kitonde, wonna Enjiri eno w'enaabuulirwanga. Obubonero buno bunaagendanga n'abo abakkiriza,” si eri ab'olubatu obubatu.

221 Mpozzi ng'omuntu olumu eyangamba, “Katonda abatume ekkumi n'ababiri bokka be Yawa ebirabo eby'okuwonya. Era . . .” Oh! Ab'oluganda bangi, abaali batudde wano we yagolokokera ekyo okukyogera, olaba. Mu kaseera katono, yamatira.

222 Kale kati mwetegereze, “Ensi yonna, eri buli kitonde, obubonero buno bunaagobereranga.”

223 Totwala kabonero ka setaani ak'obutakkiriza. Kati, ajja kukakuteekako leero, bw'aba asobola. Ajja kukunyigiriza ku kisenge, ofulume ogambe, “Ekyo sikimanyiiko.”

224 Genda eka okisome okiyige, era obe mwesimbu, osabe. Kubanga, buli kintu kyonna kiri ddala — kiri ddala mu buwandiike mu ssaawa eno, mu ssaawa entukuvu eno mu kiseera kino. Kikoleddwa okumala emyaka, kikakasiddwa, kyetegereze kyonna. Era eno ye ssaawa. Kino kye kiseera.

225 Kati temumukkiriza ekyo okukibasonseka mu matu gammwe, akabonero ke ak'obutakkiriza. Mulaba? Kubanga, okusooka, teyali mukkiriza. Yakibuusabuusa. Kale. Oh, temuganya na — temumuganya okutwala Ekyawandiikibwa, mu magezi ge, olwo — olwo akinyoole akikyamye n'amagezi ge, okukifuula amaanyi ag'okuwakana. Beera bubeezi muwombeefu, ogambe, “Katonda bw'Atyo bwe Yayogera, era ekyo kimala.” Kati, oh, kati . . .

226 Tugenda kukeerewa nnyo n'olw'ekyo tusaanye tukome wano era — tutandike.

227 Kati leka tugende ku Kabonero Akookubiri. Omwana gw'Endiga eyattibwa, n'Azuukira kano bwe Yakabembula, olwo ekiramu ekyokubiri, ekifaanana ng'ennyana ne kyogera, “Jjangu, olabe kyama ki ekyasibibwa kye kiri.” Olaba? Kati tukitegeera. Omwana gw'Endiga, mujjukira, Alina okubembula buli Kabonero. Era ekiramu ekyokubiri . . .

228 Bw'okyetegereza, mu lukalala lw'ebyo bye twakayitamu, n'emirembe gy'ekkanisa, ekintu kye kimu. Ekyo ekyokubiri . . . Eyasooka yali mpologoma; eyaddako yali e — yali e . . . kyali kifaanana ng'ennyana oba ente ennume, oba ekintu ekifaananako bwe kityo, mulaba.

229 Era ekiramu kino kyagamba, “Jjangu, olabe,” kati, Omwana gw'Endiga bwe Yabembula Akabonero. Kati, olwo, n'agenda okulaba. Era bwe yayingira, kiki ekyabaawo? Ka tulabe kye yalaba. “Jjangu, olabe.” Waliwo ekyama ekyasibibwa omwo, kibadde wano, okumala emyaka nga 2,000. Ka tulabe kye kiri.

230 Kati wano we tuzuulira nti yalaba (eki?) embalaasi emmyufu ng'evaayo.

Kati, nze engeri gye nkitegeeramu, bwe nti bwe nkitegeera, ekitala kino ekinene kye yalina mu mukono gwe . . . Kati tulina ebintu nga bisatu bye tulina okulaba, okumala eddakiika nga kkumi na ttaano eziddako, oba abiri. Leka tusome tulabe ky'Agamba wano. “Awo ne wavaayo . . .” Olunyiriri olwokuna. . .

*n'evaayo embalaasi endala eya lukunyu, (eyasooka yali njeru): n'oyo eyali atuddeko n'aweebwa amaanyi okuggyawo emirembe ku nsi, . . . era battinngane bokka na bokka: n'aweebwa ekitala ekinene.*

231 Kati wano waliwo obubonero obulaga, era twagala okubwetegerereza ddala. Naye, mu kutegeera kwange, kati nze nga bwe mmanyi, mulaba, Yesu Yalagula ekintu kye kimu mu Matayo 24. Mulaba? Yagamba, “Kati muliwulira entalo n'ettutumu ly'entalo, era nga ntalo na ttutumu lya ntalo, era ntalo. Era, naye,” nti, “Bino byonna kuliba kutandika. Olaba, ekiseera nga tekinnaba.” Olaba, baabuuza Yesu ebibuuzo bisatu. Mulaba? Era byonsatule n'Abyanukula kinnakimu.

232 Awo bangi nnyo ku baganda baffe we batabuliddwatabuliddwa, nga bagezaako okuteeka . . . Ab'oluganda Abadiventi, abo bo, badda ku ebyo, eby'olunaku olwomusanvu n'ebiringa ebyo, e . . . “Zirimusanga oyo alina omwana, gw'ayonsa, emiryango giriba miggale ku lunaku olwa ssabbiiti,” n'ebintu ebifaanana bwe bityo. Owange! Ekyo tekirina na ngeri yonna gye kikwata ku kibuuzo, olaba, n'akatono. Olaba?

233 Yali Ayanukula kye baali babuuzizza, naye teya — teya — teyakikwataganya kyonna ku nnaku ezisembayo. Yagamba, “Muliwulira . . .” Kati, tuli ku kintu ekimu kino wano. Tujja kukyongera okukikwatako, mu nnaku ntono ezijja. Mulaba. Yagamba, “Muliwulira entalo, n'ettutumu ly'entalo, n'ebiri bityo. Bino byonna si ye . . . Mulaba, olwo ate bali — baliddayo nate, ne babawaayo, n'ebirala bwe bityo. Era ebyo byonna, era kiriba tekinnaba.”

234 Naye bwe Yatuuka ku kiseera we Yali Agenda okwogera gye bali ku bye baali bamubuuzizza, “enkomerero y'ensi.”

235 “Ebintu bino byonna biribaawo ddi, kiribeerawo ddi ejjinja eddala obutasigala ku linnaalyo? Kaliba kabonero ki? Era enkomerero y'ensi, eribaawo ddi?” Mulaba, baamubuuza ebintu bisatu. Watya bwe Yakkirira ku “ku nkomerero y'ensi?”

236 Yagamba, “Bwe muliraba ng'omuti omutiini gutojjedde, kaakano mumanye nti ekiseera kiri ku mulyango. Ddala ddala mbagamba, nti, omulembe guno teguliggwaawo okutuusa nga byonna bituukiridde.” Omukaafiiri, awatali kuvvuunula, nga yandyagadde nnyo ekyo okukyesibako! Mulaba? Yagamba, “Omulembe guno,” si eri abo ab'omu mulembe ogwo be Yali Ayogera nabo, wabula ab'omu mulembe ogwo abaliraba omutiini nga gutojjedde.“

237 Kati mbaddeko kye nngenda okubabuuza. Kuba — ekintu mukitunuulire wano mu maaso. Isiraeri kaakati weeri, omulundi ogusookedde ddala mu myaka enkumi bbiri mu bitaano, ng'eggwanga. Bendera esingayo okuba ey'edda mu nsi yeewuubira mu Yerusaalemi leero. Isiraeri bali waabwe ku butaka.

238 Waaliwo wano ow'oluganda eyayagala okuba omuminsane, yeewulira ng'ayagala okukola obuminsane mu Bayudaaya. Nnagamba, “Osanga luliba lumu n'obeera.” Oh, abantu balowooza, nti ggwanga lyonna! Nedda, ssebo.

239 Isiraeri likyusibwa nga ggwanga, si ng'omuntu omu. “Eggwanga lirizaalwa mu lunaku lumu.” Eyo ye Isiraeri. “Isiraeri yonna erokoka.” Ekyo mukijjukire. Pawulo bw'atyo bwe yayogera, “Isiraeri yonna erokoka.” Kati mwetegereze, “Isiraeri yonna.” Ekyo bwe kiri ddala.

240 Kati mwetegereze kino. “Wabula,” Yagamba, “bwe muliraba omutiini, n'emiti emirala gyonna, nga gitojjedde.” Kati, mwekkaanye. Tewabangawo mulundi, mu myaka enkumi bbiri mu bitaano, Isiraeri we yali ekomeddewo ku butaka. Tulina olutambi olumpi, olw'ekifaananyi ekiyitibwa Esigadde Eddakiika Ssatu okutuuka mu ttumbi. Y'oyo, kati ggwanga, emmunyeenye ya Dawudi ey'ensonda omukaaga, yeewuuba, n'ebintu bino byonna.

241 Waali wabaddewo ekiseera amadiini ne gabeeramu okuzzibwa obuggya nga bwe gabadde mu myaka gino emitono egiyise? Kaakati muyige buyizi. Tuli ka.

242 Amadiini gaali gatutumuse ddi wansi w'obuweereza bw'omuntu, nga bwe gakoze mu bw'Abamethodist ba Billy Graham; Ababaptist, n'abalala? Ddi lwe waali wabaddewo omuntu, mukebere mu byafaayo, eyali agenze eri ekkanisa entegeke, ng'alina erinnya, erisembyayo h-a-m? Mbabuuza. A-b-e . ..

243 A-b-r-a-h-a-m. Kati mulabe, erinnya lya Ibulayimu lirina ennukuta musanvu, A-b-r-a-h-a-m.

244 Naye muganda waffe Billy Graham, alina G-r-a-h-a-m, mukaaga, si musanvu. Ensi, aweereza kkanisa, ya mubiri.

245 Ekkanisa ey'omubiri, ye yali Luti, mu Sodoma. Kati omuntu ono bwe yagendayo n'abuulira, yabaziba amaaso n'enjiri.

246 Naye waaliwo omu eyasigala ne Ibulayimu, era Ibulayimu n'amuyita, “Elohim, Mukama.” Kati Ibulayimu bwe yalaba abasatu nga bajja, yagamba, “Mukama wange.”

247 Lutti bwe yalaba ababiri nga bajja, yagamba, “bakama bange.” eyo y'enjawulo. Olaba enkola ya tirinita? Olaba?

248 Yesu Yagamba, “Nga bwe kyali mu nnaku za Lutti.” Ekyo mukiraba? Mwetegereze. Ekyo mukikwate.

249 Kati, waaliwo omu eyajja eri ekkanisa ey'omwoyo, Omugole, Ibulayimu, okusooka, oyo teyali mu — teyali mu Sodoma. Kati wekkaanye kye yakola. Teyabuulira nga bo bwe baabuulira. Yabayigiriza, naye nabo ne bakola akabonero mu maaso gaabwe. Yakola akabonero ak'obwa Masiya. Yakyuka n'Akuba weema omugongo, n'Agamba, “Ibulayimu.” Kati jjukira, erinnya lye lyennyini, ennaku ntono ng'ekyo tekinnabaawo lyali Ibulaamu. Naye Yagamba, “Ibulayimu, ali wa mukazi wo, S-a-r-a-h?” Ennaku ntono ng'ekyo tekinnabaawo, erinnya lye lyali S-a-r-r-a, (Salaayi).

Ibulayimu n'amuddamu, “Ali mu weema emabega wo.”

250 N'Agamba, “Ibulayimu, Nze . . .” Yiiyo awo nakasigirwa eyoobuntu nate. “Ndikukyalira nga bwe nkusuubizza.” Mulabe kye kyali. Mulaba? Omuntu, ng'abunye enfuufu ku ngoye, ng'alya ennyama, era ng'anywa n'amata ag'ente, era ng'alya n'omugaati. Yee, ssebo. Katonda, Elohim, ng'ayambadde omubiri!

251 Weetegereze. Yasuubiza, mu nnaku ezisembayo, okuddamu Okweyoleka nate! “Ibulayimu, mukazi wo Saala, ali ludda wa?”

“Ali mu weema, emabega wo.”

Yagamba, “Nngenda kukukyalira.”

252 Kati omukazi, ate nga n'okuba, yali wa myaka kikumi, n'abanga asekera mu nkwawa; ng'ali eyo emabega mu weema, emabega w'entimbe mu weema. Yagamba, “Nze, omukazi omukadde.” Kale, empisa yaabwe ey'omusajja n'omukazi, yali emaze ebbanga ng'ekomye, mumanyi, kubanga omusajja yali wa myaka kikumi ate — ate — ate omukazi yali wa myaka kyenda. Omukazi yagamba, “Ekyo tekiribaawo.”

253 N'agamba, “Lwaki asese?” Whew! Ng'Akubye weema amabega, “Lwaki asese, ng'agamba nti, 'Ebintu bino biyinza bitya okubaawo'?” Mulaba, Yamulaga akabonero.

254 Kati Asuubiza nti kino kiriddamu okubeerawo, mu kiseera eky'enkomerero.

255 Abasajja ababiri baaserengeta eyo ne babuulira Ekigambo, ne babagamba bafulume; ekifo kyali kigenda kwokebwa, n'ebirala. era kyasiriira. Kati Lutti yabundabunda; ekkanisa ey'omubiri, mu kibi, era mu bisooto, naye ng'efubira mu nteekateeka ez'ebibiina by'amadiini. Naye Omugole . . .

256 Omusajja oyo Omu teyagendayo gye bali. Yagenda n'ayitayo kika kya Mugole kyokka. Kati tuli mu nnaku ezisembayo. Mulaba? Ekyo kyetegereze.

“Wagambye, 'Awo, Katonda

Yali Alabisiddwa mu mubiri.'?”

257 Yesu Yennyini, Yagamba, “Munvunaana mutya?” Yagamba, “Tekyawandiikibwa mu Bayibuli yammwe, mu mateeka gammwe, nti bannabbi, abajjirwa Ekigambo kya Katonda...” Yesu Yagamba, “Ekigambo kyajja eri bannabbi,” kubanga Yali mu Byawandiikibwa mu buli kintu kyonna. Yagamba, “Kati, Ekigambo kya Katonda kigamba, nti, 'Ekigambo kyajja eri nnabbi.' Era mwabayita ba 'katonda,' kubanga Ekigambo kyajja gye bali.” Nti, “Kati olwo munanvunaana mutya bwe nngamba nti Nze Mwana wa Katonda?” mu tteeka lyabwe mwennyini mwe yabeeragira. Ky'ekyo. Mulaba?

258 Kati tuli ludda wa? Tuli mu kiseera kya nkomerero. Kati muwulirize nnyo.

259 Kati tukiraba nti walibaawo entalo n'ettutumu ly'entalo. Era kati tulaba nti omutiini gutojjedde. Era n'emiti emirala gitojjedde. Abamethodist, Ababaptist,

Bapresbyterian, ne bonna, batojjedde, okudda obuggya okw'ekitalo kugenda mu maaso.

260 Kati nzikiriza nti Katonda Akunngaanya Omugole olw'essaawa esembayo, Omulonde. Oh, abange! Kati mwetegereze.

261 Kati ka tulowooze ku kiki Yokaana kye yalaba, ku bintu bino, bye yalaba. “Embalaasi emmyufu; n'omuvuzi waayo ng'avaayo, amaanyi ne gamuweebwa okutta n'ekitala ekinene.” Kati okubikkulirwa kwange ku ekyo kuukuno. Ono Setaani, era. Ye Setaani, nate, ng'ali mu ngeri ndala. Kati, tumanyi nti — Obubonero obwo bukwata ku . . . nga bwe nnagamba jjuuzi. Nti amakondeere gakwata ku — ku — ku — ntalo ez'omu bitundu, mulaba, mu bantu, oba mu mawanga. Naye wano, osanga, nti omuntu ono alina ekitala, kale akwataganako ku lutalo lw'eby'obufuzi olw'ekkanisa. Oyinza obutakitwala bw'otyo, naye kyetegerezeeko eddakiika emu, obudakiika butono.

262 Weetegereze okukyuka kwa langi y'embalaasi zino. Omuvuzi y'omu; akyusa langi ya mbalaasi. Embalaasi nsolo. Kati ensolo, mu Bayibuli, kaba kabonero, akalaga amaanyi. Enkola y'emu nga evugira ku maanyi ga langi endala, okuva ku njeru etalina musango, okudda ku mmyufu eyiwa omusaayi. Olaba? Kati mumwekkaanye, engeri gy'ajjamu.

263 Bwe yali yaakatandika, yatandika, nga, kale yali njigiriza buyigiriza entono—eyabayingiramu, mu bo, eyayitibwa Obwanikolayiti. Yali tasobola na kutta kintu kyonna. Ekyo kwe Okubikkulirwa 2:6, oba mwagala okukiwandiika. Yali tasobola kutta kintu kyonna. Yali njigiriza buyigiriza, gwali mwoyo wakati mu bantu. Kati, ogwo gwali tegulina kye gusobola kutta. Oh, teyalina mutawaana, ng'ali ku mbalaasi énjeru. “Kale, mumanyi, tuyinza okuba n'ekkanisa ennene ey'ensi yonna. Tuyinza okugiyita ey'ensi yonna.” Bakyakikola. Kale. Olaba? Kati, “Twandibadde na . . .” Oh, teyalina kabi konna. Kati, oh, mazima teyalina ddala kabi. “Kibiina bubiina eky'abantu. Fenna tujja kusisinkana tukunngaanire wamu.” Mulaba, mu kino temuli kabi; kitukula, yali mbalaasi njeru. Mulaba?

264 Kati, abo abayitibwa ab'ebitiibwa, n'abambadde ezinekaaneka, n'abayigirize, omanyi, okufaananako ng'ebinyonyi ebifaananya ebyoya, omanyi, “Tu — ebintu byonna tujja kubikolera wamu. Basajja battu abo, kubanga, oba baagala okwesittala, kale, naye ffe — tujja kufuna ekibiina

ekisingako bajje mu kkanisa yaffe. Singa tuneekutulako, tujja — tujja kuba — tujja kuba ekibiina ky'abazimbi, oba n'ebirala, omanyi. Tujja — ebintu byaffe bijja kunywezebwa, oba, Abasajja Ab'enjawulo," nga kati bwe bali. Era olwo . . . Kati si ebinyumu biri eby'ekitalo, naye mumanyi kye ntegeeza. N'olw'ekyo, tekisaanira mukkiriza owannamaddala. Kati, naye, mu ngeri endala, kwe kugamba, "Twagala akabiina akatonotono, oba akabiina ka bizineesi ke tuyinza okuyita akaffe." Njigiriza buyigiriza, terina bulabe bwonna. "Ab'oluganda, kubanga, tetulina kye tubavunaana mmwe, tewali n'akamu. Muli bulungi, naye, omanyi, muli tuwulira nti — tuliko kye tukola era buli . . . ffe, twandibadde bulungi singa fenna tuli wamu." Mulaba? Ku nkomerero kyeyongera ddala wansi okutuusa lwe kyatuukirira, yee, ssebo, kwegatta.

265 Naye omwoyo guno omulimba, ogw'entiisa (oh, mwattu!) gwayingira, ogwayambala omubiri; omwoyo ogw'enjigiriza gwayambala omubiri, ne gutwala ekifo kya Kristo, mu muntu. Guteekwa okusinzibwa, olwo, gufuuke eky'okusinzibwa nga Kristo. Mu ngeri endala, eyo mu Vatican . . . nze nnaliyo. Kyawandiikibwa, "VICARIVS FILLI DEI," era baakiwandiika mu miwendo gya kiruumi. Kati, kuba bukubi omusittale wansi w'emiwendo egyo egy'ekiruumi. Kitegeeza, "Mu kifo ky'Omwana wa Katonda." Ye, mu ngeri endala, nti ye musigire. Mumanyi amakulu g'omusigire; abeerawo mu kifo ky'ekintu ekirala. Ye musigire, "mu kifo ky'Omwana wa Katonda."

266 Kati Bayibuli yagamba, "Oyo alina ekirabo eky'amagezi abalirire omuwendo gw'ensolo, kubanga muwendo gwa muntu Era omuwendo gwe guli lukaaga mu nkaaga mu mukaaga." Kati, bw'oddira VICARIVS FILII DEI, n'okuba omusittale, emiwendo gy'ekiruumi; "V" etegeeza ttaano, ate "I" etegeeza emu . . . zigatte, olabe oba toofune lukaaga mu nkaaga mu mukaaga.

267 Bayibuli yagamba, "Alituula mu yeekaalu ya Katonda, asinzibwe nga Katonda." Enjigiriza entono eyo bwe yateekako omubiri, yafuuka omusigire, "Mu kifo ky'Omwana wa Katonda." Olaba? Oh, abange! Omwoyo omubi ennyo, ogwo ogulimba! Oba ekyo oyagala okukisoma, soma 2 Basessaloniika 2:3. Osobola okulaba we kituuse.

268 Era, n'okujjukira, mujja kukijjukira nti Setaani ye mukulu w'amaanyi gonna ag'ebyobufuzi, aga buli ggwanga. Ekyo bameka abakimanyi? [Ekibiina kiddamu, "Amiina." — Omuk.] Mwagala mukiwandiike? Matayo 4:8, "Setaani yatwala Yesu ku lusozi oluwanvu, n'amulaga obwakabaka bwonna obw'ensi,

obwali bubaddewo oba obulibaawo bwonna, mu kaseera katono.” Omuntu ng'oyo! Yagamba, “Nja kubukuwa, bw'ononsinza.” Era Yesu Yamanya nti bwonna Alibusikira.

269 Ekyo kiringa bwe bagamba, “Kale, mmwe basajja battu abazoole!”

270 Kubanga, ensi tugiwangula! “Abawombeefu balisikira ensi.” Ekyo Yesu kye Yayogera. Olaba? Olaba?

271 Weetegereze, Yesu Yamanya nti Alibusikira, kye Yava Agamba, “Vvaawo genda, Setaani. Kyawandiikibwa,” kuddirayo ddala ku Byawandiikibwa, mulaba, “Osinzanga Mukama, era ye Yekka.” Olaba?

272 Kati—kati bwe—kati bwe, ye ng'omukulu w'emizimu, yatuula mu musajja ono munnaddiini, ow'ekitalo, nga Bayibuli nga bw'eragula, olwo agatta ekkanisa ye n'eggwanga. Amaanyi ge gombi agagatta wamu. Olaba?

273 Omwoyo omulabe wa Kristo bwe yatandika, gwali mwoyo. Ekyaddako gwafuuka ki? Olwo ne gufuuka . . . Kaakati wekkaanye Akabonero kano. Omwoyo bwe gwatandika, gwali mulabe wa Kristo, nga gulwanyisa enjigiriza ya Kristo. Kale. Kye yaddako okukola . . . Kristo kye Yateekerawo ekkanisa Ye okukola, kwali kulwanyisa kibi. “Oh, ekyo si kye kitegeeza. Tekitegeeza ekyo. Ekyo kyali kya muntu mulala. Ekyo, kyaliwo dda emyaka kikumi egiyise, emabega eyo. Ekyo, si kyaffe.” Olaba? Oyo, olaba, omulabe, “alwanyisa.” Ekyaddako kyafuuka . . .

274 Kati, omuvuzi w'embalaasi yafuluma, ye — teyalina ngule, naye yagiweebwa. Embalaasi eyo enjeru; yalina omutego, naye teyalina kasaale. Olaba? Kale olwo bwe yatandika . . .

275 Olwo, oluvannyuma, yaweebwa engule, kubanga engule toyinza kugitikkira ku mutwe gwa mwoyo. Naye, omwoyo guno, bwe gwatuula mu muntu mu mulimu ogw'addirira ogwa — ogw'omulembe ogw'ekyama kye, omulimu ogwokubiri, yatikkirwa engule, nnabbi ow'obulimba, eyatikkirwa engule mu kukolera omwoyo omulabe wa Kristo. Kati, tumulaba kati, kaakati. Kati ekyo ky'afuuka, bw'akola bw'atyo. Olwo, ye, aba amaze okuba Setaani, afuga amaanyi ag'ebyobufuzi bw'ensi.

276 Kati agenda mu kifo mwagenda okukolera obuyinza bw'ekkanisa y'ensi yonna, ng'atwala amaanyi ag'eddiini. Kale baganda bange, temukitegeera, nti

mu . . . Eggwanga lino bwe lirabikira mu ssuula 13 mu Okubikkulirwa, ensolo eno eyasituka ng'omwana gw'endiga. Era yalina amayembe abiri, obuyinza obw'ebyobufuzi n'obw'eddiini, naye yakola ekintu kye kimu ensolo kye yakola emabega.

277 Kyewuunyisa, Amerika eri nnamba kkumi na ssatu, era mukazi. Kyewuunyisa, n'okuba nti erabikira mu ssuula ya 13 mu Okubikkulirwa. Twatandika n'ebikuubo kkumi-na-bisatu mu bendera, emmunyeenye kkumi-na-ssatu. Buli kintu kyonna kiri “kkumi-na-ssatu, kkumi-na-ssatu, kkumi-na-ssatu, kkumi-nassatu,” okugendera ddala. Era buli kintu kyonna kiri “mukazi, mukazi, mukazi,” n' okweyongerayo.

278 Ku nkomerero ekirivaamu, (nnakiragula), omukazi alimufuga. Mujjukire, wayiseewo emyaka asatu, ekyo bukya nkyogera. Era — era e — ku bintu omusanvu bye nnalagula, ebitaano ku byo bimaze okutuukirira. Era kati balina awo omusajja anaamuyingiza. Mwamulonda, nga muyita mu by'obufuzi bwammwe. Yee. Huh! Kale

279 Ebyokwogera bingi nnyo, toyinza kutuuka w'oyagala. Kati mwetegereze. Nja kubalwisaako okumala akabanga, bwe mba ow'okugenda mu maaso olunaku lw'enkya.

280 Mulabe. Mwetegereze. Setaani bwe . . . Kati, buli muntu, oyo, alaba nti Setaani afuga amaanyi gonna ag'eby'obwobufuzi by'ensi. Ekibiina kiddamu, “Bw'Atyo bwe Yagamba Mu Matayo essuula eyookuna, mujja kukisangamu, mu lunyiriri olwomunaana. Obwakabaka bwonna bubwe. Eyo y'ensonga lwaki balwana, batabaala, batta. Kati ekyo mukijjukire.

281 Ekyo tekyewuunyisa? Baaweebwa ekitala kino, okuttinngana. Oh, oh, oh, abange! Kati mwetegereze.

282 Kati, ekyo bwe yakikola, yali tannafuna maanyi ga bya ddiini. Naye yatandika na muzimu ogw'enjigiriza ey'obulimba. Era enjigiriza eyo yakakata. Enjigiriza eyo yayingira mu mubiri gwa nnabbi ow'obulimba.

283 Olwo n'agendera ddala mu kifo ekituufu. Mu kiseera kino, teyagenda mu Isiraeri. Yagenda Rooma; e Nikyeya, Rooma.

284 Olukiiko lwatuula, ne balonda omukulu w'abalabirizi. Era olwo, mu kukola kino, baagatta wamu ekkanisa n'eggwanga. Olwo, n'asuula omutego

gwe. Yavaako ku mbalaasi ye enjeru. Ne yeebagala embalaasi ye emmyufu, olwo asobole okutta buli muntu yenna atakkiriziganya naye. Ako ke Kabonero ako. Omuntu oyo y'omu! Mwekkaanye nga bwe yeeyongerayo eyo mu butakoma, ng'ali bw'atyo, olaba, ng'agatta amaanyi ge gombi wamu.

285 Ekintu kye kimu ekyo kye bagezaako okukola kaakati, ekintu kye kimu. Leero. Si kintu kya bulijjo, oba oli awo temukitegeera. Naye, leero, okuva mu kibiina kya Baptist mu Louisville . . . Mwakiwulira ku ladiyo. Omwogezi yasituka n'a . . . Bameka abaakiwulira? Kale. Mulaba? Kale, ky'ekyo. Baagala, era kati basaba ekkanisa, nti ddala tetulina kukikola, oh, ngeri ya kwegatta bwegassi ku Ekereziya katolika, naye tujja kukunngaananga nabo. Okufuna . . . Bwe kityo, mu kiseera kye kimu kino nga kigenda mu maaso wano mu Louisville, Katonda Abembulira abantu be Obubonero, okukiraga nti, “Temukikola!” Mulaba byombi nga bwe bikolera awamu? Jjukira, nnamunngoona n'ejjiba byombi byatuula ku luzizi lumu, mu kyombo. Mazima ddala. Ekyo kijjukire.

286 Kati tukizuula nti, agatta wamu amaanyi ge, olwo, bw'amala okufuuka byombi eggwanga n'ekkanisa, eby'ekinnaddiini. Olwo munaakola ki? Yeekolerawo eddiini eyiye ku bubwe. Kati olwo aba asobola okukola kyonna ky'ayagala. Olwo nno, aba n'obuyinza okutta yenna atakkiriziganye naye. Ky'ekyo kyennyini kye yakola, era. Era ekyo kyennyini yakikolera ddala. Era kye —ye . . . Yakikola ku batukuvu ba Katonda Omulamu abatuufu, abaakuuma Ekigambo ne bagaana okukkiriziganya naye ku by'alagira okukkiriza n'okukwata. Yabatta.

287 Kati, ow'oluganda Lee Vayle, nammwe wano abayigiriza omulembe gwa Nikyeya n'ekkanisa eyasooka, simanyi oba kino mukisoma oba nedda. Oba mwagala okukisoma, mufune ekitabo ekiyitibwa Schmucker's Glorious Reformation.

288 Mujja kukisanga, nti, Omutukuvu Augustine ow'e Hippo bwe yafuuka omusosodooti wansi w'Ekereziya y'e Rooma, yalina akakisa, okutuusa olumu Omwoyo Omutukuvu Yagezaako okujja gy'ali, n'akigaana. Ekyo bameka abakimanyi, ng'omusomesa? N'olw'ekyo, yagaana Omwoyo Omutukuvu. Ekyo kyennyini, kye kifaananyi ky'ekkanisa y'Abapulotestante ennaku zino, egaanye Omwoyo Omutukuvu. Yaddirayo ddala e Hippo, era ye yennyini ye yateeka omukono ku lupapula olwo, olwaliko, “okubikkulirwa okuva eri Katonda, nti kyali

kituufu era nga kisanyusa Katonda, okutta buli muntu yenna atakkiririza wamu ne Ekereziya Katolika eya Rooma."

289 Kati wuliriza. Nnokolayo okuva mu kitabo ekiyitibwa Martyrology, "Okuva mu kiseera kya—ky'Omutukuvu Augustine ow'e Hippo, okutuuka mu 1586," mu Roman matryrology, "Ekereziya ya Rooma yatta obukadde nkaaga-mu-munaana obw'abaali bagiwakanya." Ekitala kye kyali kimyufu? Yali avuga mbalaasi mmyufu? Kyali ki? Amaanyi ge gamu; omuvuzi y'omu. Ako ke Kabonero. Bakkiriza nti, "obukadde nkaaga-mumunaana," olw'eddiini, ng'oggyeeko abo bonna abattibwa ebbali w'ekyo. Oh, tusaasire! Mu mirembe egy'ekizikiza, waaliwo bukadde na bukadde obwaweebwayo eri empologoma, ne zibalya mu buli ngeri yonna, kubanga baagaana okuvunnamira ebiyiiye ebyo eby'ekikatoliki. Ekyo mukimanyi.

290 Musigazzaayo bbanga ki? [Ekibiina kiddamu, "obudde bungi. Olunaku lwonna." — Omuk.] Kale. Ka mbeeko kye nsome. Kati mubikkulire wamu nange, ka mbeeko kye mbagamba. Ka—kino ka tukikubemu akafaananyi, akaseera. Kizze buzzi mu mutima gwange, era ka tukisome. Ka tubikkule mu Okubikkulirwa, mu ssuula ey'e 17 ey'Okubikkulirwa. Tukyasigazzaayo eddakiika kkumi-na-ttaano. Ky'ekyo. Kati muwulirize nnyo, nnyo kati, nga bwe tusoma. Mmwe abalina Bayibuli zammwe muzibikkule, nngenda kubawaayo akaseera musobole okukifuna.

291 Lee, ekyo okifunye? Nnakiggya mu kitabo kya Schmucker, olaba, Glorious Reform, kyaggyibwa butereevu mu matryrology of Rome, e Vatican.

292 Kati, ekyo kyatuukira ddala ku kuyigganyizibwa kw'abantu b'Omutukuvu Patrick. Olwo ate Omutukuvu Patrick ne bamuyita — Omutukuvu waabwe. Huh! Omutukuvu Patrick yali Mukatoliki ddala nga nze; era mumanyi wa we nkoma okuba Omukatoliki. Olaba? Ye — Yawakanya enjigiriza ya Kereziya. Yagaana okugenda eri Ppaapa. Yee, ssebo. Omutukuvu Patrick newankubadde . . . Kale, ggwe, wali ogenzeeko mu Nothern Ireland, gye yalina amasomero? Omanyi, erinnya lye teyali Patrick. Bameka ekyo abakimanyi? Erinnya lye yali ayitibwa Sucat. Ekyo bwe kiri. Yafiirwa mwannyina. Mujjukira bwe baalinga ba . . . Olaba? Kale.

293 Kaakati mwetegereze, Essuula 17 mu Okubikkulirwa. Kati buli omu gezaako okuggulawo omutima gwo. oleke Omwoyo Omutukuvu Akuyigirize

*kaakano.. . Ne wajja gyendi omu ku bamalayika omusanvu abalina e—abaliba ebibya omusanvu, . . .*

294 Kati, mulaba, waliwo ebibya musanvu. Mumanyi, bino omusanvu bye tuyitamu, byabeerawo byonna mu kiseera kye kimu; nga biddirira ebibonyoobonyo, nga bigoberera emirembe gy'ekkanisa, mu ngeri y'emu, kubanga byonna byasibibwa mu Kitabo ekyo kimu, buli kintu kyonna. Kigoberera kinnaakyo nga byetooloola nga nnamuziga; era ekimu kiyingirira ddala mu kirala, n'ekirala mu kirala, era n'ekirala mu kirala. Emyoyo giri ebiri egikola; Katonda, ate ne setaani. Olaba?

*. . . abalina ebibya omusanvu, n'ayogera nange, ng'agamba . . . Jjangu wano; era nnaakulaga . . . omusango gw'omwenzi omukulu atuula ku mazzi amangi:*

295 Kati mulabe wano, wano, “amazzi,” ago.

296 “Omwenzi,” Kye ki ekyo? Oyo ye mukazi. Tayinza kuba musajja. Era kabonero ki akategeeza omukazi mu Kkanisa, oba mu Bayibuli? Kkanisa. Lwaki? Omugole wa Kristo, n'ebirala; mulabe, ye mukazi, ekkanisa.

297 Kati, “amazzi,” ekyo kitegeeza ki? Wekkaanye wano. Musome olunyiriri lwakyo wano olw’ekkumi-n’ettaano.

*N’anngamba nti, Amazzi ge walabye, omwenzi w’atudde, be bantu, . . . ebibiina, . . . amawanga, n’ennimi.*

298 Ekkanisa eno yali efuga ensi yonna, olaba, “Atudde ku mazzi amangi.”

*Bakabaka b'ensi gwe bayenda naye, obwenzi obw'omwoyo, (okutwala enjigiriza ye, enjigiriza za Nikolayiti), n'abo abatuula ku nsi ne batamiira omwenge gw'obwenzi bwe.*

299 Mulenzi, yogera ku abo, abatamiivu! Ggwe . . .

*N’antwala mu ddungu mu mwoyo: ne ndaba omukazi . . .*

300 Mumanyi? Obuwandiike bwa Abakatoliki bwennyini kino bukikkiriza nti kiri mu Ekereziya yaabwe. Ekyo bameka abakimanyi? Kiri ddala mu biwandiiko byabwe. Kati, nnina ekitabo kye bayita Facts of our Faith, olaba, omusosodooti ye nnanyini kyo. Kale. Kale.

*N'antwala mu ddungu mu mwoyo: ne ndaba omukazi, ng'atudde ku nsolo emmyufu, ng'ejjudde amannya ag'obuvvoozi, ng'erina emitwe musanvu n'amayembe kkumi.*

301 Kati ekyo mukyekkaanye, akabonero ako, aka “emitwe omusanvu.” Kaakati mulabe we kigambira, “Ne e — ne e — ne e. . . Emitwe omusanvu gye walabye z'ensozi omusanvu omukazi z'atuddeko.” Rooma kiri ku nsozi musanvu. Olaba? Kati eyo si nsobi n'akatono, olaba, “Emitwe musanvu.” “N'amayembe kkumi,” omanyi, Ago bwe bwakabaka ekkumi, n'ebirala.

*Omukazi ng'ayambadde olugoye olw'effulungu . . . olumyufu, . . . n'ayonjebwa ne zaabu n'amayinja ag'omuwendo omungi . . . luulu, ng'alina mu mukono gwe ekikompe ekya zaabu eky'emizizo — emizizo ye mpitambi ey'obwenzi bwe:*

302 Omwoyo ogwo omulabe wa Kristo, “obukaba.” Olaba, “enjigiriza,” okwo okwenda ate n'ojja eri Katonda. Olaba? Kati, yali ateekwa kuba Mugole, olaba; kyokka n'akola obwenzi. Olaba? Nga Kaawa bwe yakola, okufaanana ng'ekkanisa bw'ekola.

*Ne ku kyenyi kye, erinnya eriwandiikiddwa nti, EKYAMA, BABULOONI EKINENE, . . .*

303 Omuntu yenna amanyi nti, “BABULOONI” ye Rooma. . . . NNYINA W'ABENZI ERA OW'EMIZIZO GY'ENSI.

304 Wuliriza olunyiriri olwo 6

*Ne ndaba omukazi oyo ng’atamidde omusaayi gw’abatukuvu, n’omusaayi gw’abajulirwa ba Yesu: Bwe nnamulaba, ne nneewuunya n’okwewuunya Kunene.*

305 Kyali kintu kirungi nnyo, nga kyetimbye emisaalaba na buli kintu kyonna! “Kyandisobose kitya mu nsi okuba nti kirina omusango gw'okunywa omusaayi gw'abatukuvu?” Kyamutabula. Kati agenda kumubuulira.

*Malayika n'anngamba nti kiki, ekikwewuunyisa? Nze nnaakubuulira ekyama ky'omukazi, ne . . . ensolo emusitudde, . . .*

306 Kati, kino tekiri mu kamu ku Bubonero. Kino kintu kirala, olaba.

*Era n'agamba . . . emitwe omusanvu n'amayembe ekkumi.*

*Ensolo . . . gye walabye yaliwo, era tekyaliwo; era egenda okuva mu bunnya obutakoma (terina musingi, Ppaapa), n'okugenda mu kubula: N'abo abatuula ku nsi balyewuunya, abatawandiikiddwa Linnya lyabwe mu kitabo ky'obulamu, (abo be balonde, mulaba), okuva ku ntandikwa y'ensi ...*

307 Erinnya lyo, lyateekebwa ddi mu Kitabo ky'Obulamu? Ku lukunngaana olwo olw'okudda obuggya lwe wagendamu? Nedda, ssebo. "Okuva ku ntandikwa y'ensi."

*. . . bwe baliraba ensolo nga yaliwo nga teriiwo, ate eribaawo.*

308 Mulabe, "ensolo," omu afa, omulala n'addawo ekifo kye. "Yaliwo; nga takyaliwo. Yaliwo; nga takyaliwo. Yaliwo; takyaliwo." Era aligendera ddala mu kubula, mu ngeri eyo. Olaba? Kale.

*Awo we — awo we wali omwoyo ogulina amagezi.*

309 Bameka abamanyi nti waliwo ebirabo by'omwoyo mwenda, era ekimu ku byo ge magezi? Kale.

*Emitwe omusanvu ze nsozi omusanvu, omukazi z'atuddeko.*

310 Oh, ekyo bw'otokifuna, obeerera ddala muzibe, kiggala era kasiru. Olaba? Kale.

*. . . era be bakabaka omusanvu: abataano baagwa, omu waali, (Nero), era . . . omulala wa kujja; era bw'alijja, kimugwanira okumalawo ebiro bitono.*

311 Mujjukira kye yakola. Yayokya ekibuga, n'awaayiriza Abakulisitaayo nti be baakyokya. N'ateeka nnyina ku muti gumu ogw'embalaasi n'amuyisa mu nguudo z'ekibuga. Ne yeekwasa kino na kiri ng'eno Rooma bwe kyaka omuliro. Kale.

*N'ensolo eyaliwo, era teriiwo, oyo naye ye w'omunaana, …*

312 Rooma enkaafiiri, yafuulibwa Rooma eya Ppaapa. Omwoyo omulabe wa Kristo bwe gwayambala omubiri, n'atikkirwa engule, n'afuulibwa kabaka wa Rooma omutikkire engule, mu ggwanga wamu ne mu kkanisa, byombi wamu. Oh, ow'oluganda! Olaba, Byonna gye bifumbekedde. Olaba? .

. . ye . . . owoomusanvu, era agenda . . . (amalawo bbanga ki? Enkola tebagikyusangako.) *. . . mu kubula.*

*. . . amayembe ekkumi ge walabye be bakabaka ekkumi, abatannaweebwa bwakabaka; naye baweebwa obuyinza nga bakabaka, awamu n'ensolo, okumala essaawa emu.*

313 Abo, mu buli ngeri, be bannaakyemalira. “Abo balina okuteesa kumu.” Kati mulabe eno. Tekyogera ku Nnaakalyako-ani. Olaba?

*Abo balina okuteesa kumu, ne bawa ensolo amaanyi gaabwe n'obuyinza.*

*Abo balirwana n'Omwana gw'Endiga, n'Omwana gw'Endiga alibawangula: kubanga ye Mukama w'abaami, era ye Kabaka wa bakabaka: era n'abo abali awamu naye abayitibwa, . . . balonde, abeesigwa.*

*N'anngamba nti, Amazzi ge walabye, omwenzi w'atudde, be bantu, . . . ebibiina n'amawanga, n'ennimi.*

*. . . amayembe ekkumi ge walabye n'ensolo, bano balikyawa omwenzi, endagaano eyo bw'erimenyebwa . . . (nagyogeddeko eggulo.) . . . balimulekesaawo balimufuula omwereere, balirya ennyama ye, era balimwokera ddala omuliro.*

314 Temumanyi nti Bayibuli egamba nti abalina ebyombo ku nnyanja, na buli kimu, baagamba, “Zikisanze, zikisanze, ekibuga ekyo ekinene! Engeri gye kyazikirizibwamu mu ssaawa emu!” Mulaba?

*Kubanga Katonda yassa mu mitima gyabwe okukola kye yateesa, n'okuteesa awamu, n'okuwa ensolo obwakabaka bwabwe, okutuusa ebigambo bya Katonda lwe birituukirira.*

*. . . omukazi gwe walabye kye kibuga ekinene, ekirina obwakabaka ku bakabaka b'ensi.*

315 Mbuuliraayo kimu. Russia tefuga wonna. ffe tetufuga wonna. Waliwo kabaka omu yekka afuga buli . . . okufaanana ng'omukono gwa Nebukadduneeza ogwatuuka ku buli kamu ku bugere obwo. Eyo ye Rooma. Rooma ekyo tekikola ng'eggwanga; naye ekikola nga Ekereziya. Buli ggwanga lyonna wansi w'eggulu liri wansi wa Rooma.

316 Kye baava bagamba, “Ani ayinza okulwana naye?” Bw'ayogera nti, “mirembe,” [Ow'oluganda Branham akuba entoli omulundi gumu — Omu.] Ekyo kimala. Buli Ekereziya katolika bw'egamba, “Muleke, 'temulwana,'” era — era

tebalwana. Ky'ekyo. “Ani asobola okukola ye ky'asobola okukola?” Tewali. ekyo bwe kiri. “Kale abawuniikiriza n'ebyamagero by'asobola okukola.” Asobola okuyimiriza olutalo. [Ow'oluganda Branham akuba entoli omulundi gumu.] Ky'alina okukola kyokka kwogera bwogezi, “Mulekere awo.” Ky'ekyo. Naye mulowooza alikikola? Nedda n'akatono.

317 Mwetegereze, ekyo akikola bw'atyo, “Basobole okuttinngana. Basobole okuttinngana.” Omutego gwe, okusooka tegwalina busaale, naye “ekitala kye ekinene” kyalina. Oluvannyuma, yatta, era n'akyuka okuva ku mbalaasi enjeru n'adda ku mbalaasi emmyufu; Setaani yennyini, ono, n'ekitala kye.

318 Yesu kiki kye Yagamba? Yesu Yagamba, “Abo abakwata ekitala ekitala kye kiribatta.” Teweesasuza. Olaba? Yesu, ekiro ekyo, bwe Yagamba, era Peetero n'azzaayo ekitala kye. Olaba? Kola bukozi nga Ye bwe Yakola, ogende mu maaso.

319 Kati, kati jjukira, alina ekitala. Agenda mu maaso, n'ekitala mu mukono gwe; ng'avuga, embalaasi emmyufu, ng'ayita mu kuyiwa musaayi gw'abantu bonna abatakkiriziganya naye.

320 Kati mukitegeera? [Ekibiina, “Amiina.”— Omuk.] Bameka kati abategeera amakulu g'Akabonero ako? [“Amiina.”] Kale. Kati, kiki Yesu kye Yagamba? “Abo abatta n'ekitala nabo balittibwa na kitala.” Si bwe kiri? Kale. Kale. Omuvuzi w'embalaasi ono n'abali mu bwakabaka bwe bonna abattiddwa mu mirembe gyonna, abayiye omusaayi guno gwonna ogw'abatukuvu, abajulizi bajja kuttibwa ekitala kya Yesu Kristo bw'Alijja. “Abo abakwata ekitala nabo balittibwa na kitala.” Baakozesa ekitala eky'ebikwate n'omulabe wa Kristo, ne basanjaga, obukadde n'obukadde obw'abasinza abannamaddala abatuufu, okuyita mu mirembe gyonna. Era Kristo bw'Alijja n'Ekitala, kubanga kye Kigambo Kye ekiva mu kamwa Ke, Alitta abalabe bonna abaamusooka. Ekyo mukikkiriza? “Alitta abalabe.”

321 Ka tugendeko wano akaseera katono, Okubikkulirwa. Kati tujja kulaba oba ekyo nkyogera bwogezi, oba kyogerwa Kigambo. Okubikkulirwa 19:11.

*Ne ndaba eggulu nga libikkuse* (amiina,) *era laba embalaasi enjeru; n'eyali agituddeko ayitibwa Mwesigwa era ow'Amazima; ne mu butuukirivu asala emisango era alwana.*

*Era amaaso ge gaali . . .ennimi z'omuliro, ne ku mutwe gwe . . . ngule nnyingi; . . .*

322 Oh, ow'oluganda! Mulaba, Abatukuvu be bamutikkidde engule, mulaba. *. . . era ng'alina erinnya eriwandiikiddwa, omuntu yenna ly'atamanyi, wabula . . . ye yekka.*

323 Mujjukire, ffe — tetusobola, ekyo tetukimanyi, olaba, kye ki. “Era ng'ayambaziddwa . . .” Ka tulabe.

*Era ng'ayambaziddwa ekyambalo ekyannyikibwa mu musaayi: n'erinnya lye ne liyitibwa (“si bwe liri,” naye “lyayitibwa”) Kigambo kya Katonda.*

Kubanga, Ye ne Kigambo kye kimu. Olaba? Kati mwetegereze, si “mannya Ge.” Uh-huh! “Erinnya Lye lyayitibwa 'Kigambo kya Katonda.'” Yamanya erinnya limu lyokka, tewali linnya ddala.

*N'eggye ery'omu ggulu, ne limugoberera ku mbalaasi enjeru, nga bambadde engoye enjeru ennungi.* (Obwo bwe butuukirivu bw'abatukuvu. Olaba?)

325 Kati wekkaanye. Kiki Yesu kye Yagamba? “Oyo akwata ekitala . . .” Kale, omuvuzi w’embalaasi emmyufu, wano we wali ekyo ekijja. “Oyo akwata ekitala . . .” Musobola okuba nti okuva olwo mwattako obukadde nkaaga-mu-munaana, mu mirembe gino gyonna, okuva olwo; oba oli awo n’okusingawo. Naye Yesu Yagamba, “Oyo akwata ekitala naye alittibwa na kitala.” Wekkaanye.

*Ne mu kamwa ke ne muvaamu ekitala eky’obwogi. . .*

326 Abaebbulaniya, essuula eyookuna wagamba, “Ekigambo kya Katonda kisala okusinga buli kitala kyonna eky'obwogi obubiri, era kisala n'okwawula ne kyawula ennyingo n'obusomyo.” Era kiki, ekirala Ekigambo kye kikola? “Kyawula okufumiitiriza kw'omu mutima” Kale.

*. . . Ne mu kamwa ke muvaamu ekitala eky'obwogi ateme amawanga nakyo: era alibafuga n'omuggo ogw'ekyuma: era alinnya essogolero ly'omwenge gw'obusungu bw'obukambwe bwa Katonda Omuyinza, w'ebintu byonna.*

*Era alina ku kyambalo kye ne ku kisambi kye erinnya eriwandiikiddwa nti, KABAKA WA BAKABAKA, ERA MUKAMA W'ABAAMI.*

327 Nga bannanfuusi, abalwanyisa Ekigambo kya Katonda, era kuba tebandikkirizza, ate ng'ekintu kino . . . Setaani yateeka, amaanyi g'obufuzi ge yalina mu by'ensi n'agagatta n'amaanyi g'omwoyo n'akola ekkanisa ebuna mu buli ggwanga. N'addira obukadde emirundi bukadde . . . Awo oluvannyuma n'abuuka ku mbalaasi enjeru. ne yeebagala emmyufu, n'addira ekitala olwo n'agenda.

328 Naye Katonda Yagamba nti, n'ekintu kye kimu kye yakozesa okukyamya, oba kye yakozesa, enjigiriza ey'obulimba; Ekigambo ekyo kye kimu kirisitukira mu maanyi, nga kifuluma okuva mu kamwa ka Yesu Kristo, era kirimutta na buli kintu ekiri mu maaso ge.“ Amiina.

329 Ako ke kabonero akookubiri. Mumwagala? Oh, abange! Ekyo kiri BW'ATYO BW'AYOGERA MUKAMA. Katonda Atenderezebwe! Bwe kiba ng'Okubikkulirwa kuno kwonna okulala n'okwolesebwa kwonna, na buli kimu, nga bibeeredde ddala — ebituufu! Kati bameka ekyo abakimanyi? Muwanike emikono gyammwe. Bikumi na bikumi, buli muntu ali wano, awanise omukono gwe. Bwe kiri. Na kino bwe kijja okuba! Mujjukire, bwe kityo bwe kiri.

Oh, ab'emikwano! Jangu eri ensulo ey'Omusaayi, Oguva mu misuwa gya Emmanweri; Aboonoonyi, mwe bennyika, Ne banaazibwa ebibi.

330 Mujje, mumukkirize, bwe muba temumukkirizanga. Temusubwa omukisa guno. Nedda, nedda, oba waliwo ekintu kyonna mu bulamu bwammwe, ab'emikwano.

331 Tuli wano. Waliwo ekintu ekigenda okubeerawo. Simanyi lwaki. Simanyi lwe kinaabaawo. Mmanyi ekigenda okubaawo, wabula simanyi ddi lwe kinaabeerawo. Naye kiteekwa okubeerawo, kubanga Akibikkula mu kiseera kino kyennyini. Talina ky'Akola okuggyako ng'Akimanyisizza. Amosi 3. Asooka n'Akimanyisa. Era Yasuubiza nti ebintu bino byakujja mu nnaku ezisembayo. Kati omulembe gw'ekkanisa eyoomusanvu, ku nkomerero yaagwo, omubaka ng'atuuse, we kiribeererawo. Obubonero obwo obwaggyibwako envumbo bulibembulwa, era buubuno wano. Kati, ekyo kiri mu Linnya lya Mukama. Mukikkirize, ab'emikwano. Yee, ssebo. Mufulume mu Babulooni!

332 Waliwo kye njagala okwogera nga ssinnamaliriza. Kubanga, nnina . . . Nnyingira ssatu kitundu. Kati bwe budde.

333 Nze ne Billy, bwe twava mu nnyonyi, mu Buyindi, lwe twasemba okugendayo. Nnali ntunuulira e — olupapula lwe baaleeta, lwali luwandiikiddwa mu Lungereza. Lwali lugamba, “Musisi ateekwa okuba ng'akomye; ebinyonyi bikomawo.” Olwo ne lunnyyonnyola mu bujjuvu. Bo . . . Waaliwo ekintu ekyewuunyisa ekyabaawo.

334 Mu Buyindi tebaluka nkomera nga ffe ze tulina. Baddira amayinja amanene, ge bagokolamu enkomera. Era ennyumba zaabwe nnyingi bazizimbisa mayinja, bagapanga bupanzi ku gannaago. Era munda omwo muba mubuguma, oh, buli wamu, mu Buyindi, walungi, okuggyako ng'oyambuse mu nsozi. Era wonna okutuukira ddala mu Calcutta n'awalala, abantu beebaka bwebasi wansi ku nguudo, nga bafa enjala, n'ebirala.

335 Kati, bwe kityo, bazimba ennyumba zaabwe n'eminaala, nnyumba zaabwe. Bazeetoolooza e — olukomera, ne balutuusa waggulu. Bazimba omunaala gw'amaka gaabwe, era eminaala bagizimba awo awali oluzzi. Balusimira ente zaabwe n'ebirala, olwo ne balwetoolooza olukomera.

336 Kati, mangu ddala, ekintu ne kitandika okubaawo. Omanyi, ebinyonyi, biyingira mu njazi ezo, ne bizimba ebisu byabwo, ne bikuza obwana bwabyo. Ekintu ne kitandika okubeerawo.

337 Buli lunaku, ebbugumu nga lizze, ente zonna nga zijja ne ziyimirira mu kisiikirize ky'ebisenge ebyo; okuweweerako.

338 Era ebinyonyi byonna bibeera mu bifo ebyo. Kati, mangu ddala, ebinyonyi ebyo byonna, olw'ensonga ezimu ezitamanyiddwa . . . Kati, mumanyi jjuuzi kye twayogera ku binyonyi. Mulaba? Olw'ensonga ezimu ezitamanyiddwa, bwonna bwavaawo, ne butakomawo mu bisu byabwo. Bwagenda mu nsiko, ne butuula mu miti, oba awalala wonna we bwafuna, oba wansi ku ttaka.

339 Ente tezaasembera. Endiga nazo tezaasembera. Zaasigalirayo ddala, ne zeekukuma wamu. Eyo ngeri nnungi okukolamu. Byamanya nti waaliwo ekyali kigenda okubaawo.

340 Awo, mangu ddala, musisi n'ayuuguumya ekifo, n'asuula ebisenge, n'enkomera, na buli kintu kyonna.

341 Olwo obunyonyi ne butandika okukomawo. Tebwakomawo okumala ennaku ssatu oba nnya; oluvannyuma ne butandika okudda. Baagamba, “Kale, kati musisi ateekwa okuba ng'aweddeyo; ebinyonyi bikomawo.”

342 Lwaki? Temukkiriza nti Katonda Oyo y'Omu Eyaleetera ebinyonyi ebyo n'ente n'endiga, mu nnaku za Nuuwa, okuyingira mu lyato, Akyali Katonda y'Omu okubibuusa okuwonawo? Ekyo si bwe kiri

343 Ow'oluganda, kati ka mbeeko kye njogera. Waliwo ekiteekateeka okubaaawo. Era agasenge gano ag'edda, ag'eddiini gagenda kugwa, gaddireyo ddala, mu kukkiriziganya. Kubanga, bagenda kukikola ddala, nga bwe ndi omukakafu nti nnyimiridde wano. Waliwo, “Ekifaananyi ky'ensolo,” nga bwe ndi omukakafu nti nnyimiridde wano; era eggwanga lino likoze, okusinziira ku Kigambo kya Mukama. Muwulirize, bwe muwulira nga kyonoonese, mugafulumemu agasenge ago. Mugaveemu! Mujja kufiirayo! Temukikola! Mugafulumemu! Muve mu bwonoonefu obwo bwonna! Mutoloke muwone, mangu ddala nga bwe musobola. Musabe Katonda Abasaasire.

344 Temugamba bugambi, nti, “Kale, maama wange yali Mumethodist, ndowooza nange nja kuba. Taata wange yali Mubaptist; nange bwe nja kuba.“ Ekyo tokikola. Togeza — Temwefiiriza mukisa guno.

345 Sifaayo ne bwe kiba nga kyangu era nga kiwombeefu okwenkana wa, kye Kigambo kya Mukama. Dduka mangu nga bw'osobola ogende eri Yesu Kristo, era osigale eyo okutuusa Katonda ng'Akujjuzza Omwoyo We Omutukuvu. Kubanga essaawa ejja lwe munaamuyigga nga taliiwo. N'olw'ekyo, kakasa nti okikola.

Ka tukoteke emitwe gyaffe, katono.

346 Kitaffe Ow'omu Ggulu, oh, nze — kwe kugamba, oluusi, Mukama, nnyimirira wano ne — ne nkankana. Ndowooza ku ssaawa eyo ey'entiisa ejja, era ne . . . Tewali ngeri ya kukiyimiriza. Yalagulwa nti ya kujja. Kati, ndowoozezza, “lwaki abantu tebajja ne — ne —ne bawuliriza? Kati tebajje ne bakikkiriza?” Naye, kwo okuba, mmanyi nti — nti ggwe — wagamba si ba kukikola, n'olw'ekyo tebajja kukikola.

347 Wabula waliyo abamu abalina amannya gaabwe nga gaawandiikibwa mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'Endiga. era Obubonero obwo bwe

bunaateekebwa awo nga bubikkuddwa, bajja kulaba amannya gaabwe awo, n'Omwoyo Omutukuvu Ayogere gye bali, bajje. Toyinza kubaziyiza kujja. Tewali asobola, tewali n'omu. Mu buli ngeri, kwo okujja bajja, kubanga Obakulembera okufaanana nga bwe Wakola obunyonyi obwo, n'endiga n'ente. Oli Katonda! Waliwo obutonde ensolo ezo bwe zirina, obuzimanyisa nti ziteekwa okuvaawo! Oba obutonde, munda mu nsolo ezo, bwasobola okuzirabula okudduka akabi, Omwoyo Omutukuvu Ateekwa kukola ki eri ekkanisa gy'Alimu!

348 Katonda, Otusaasire. Ffenna Otusonyiwe, Mukama, ensobi zaffe. Tetugenderera kuyimirira mu kituuti wano ne tuyimiriza abantu okwetooloola ebisenge, amagulu ne gabaluma, ne bamala gagenda ne bagamba, “Kale, ekyo kiwulikika bulungi nnyo.” Mukama, twagala tubeeko kye tukikolako. Ffe, twagala okebere emitima gyaffe. Era bwe mubaamu ekintu kyonna ekikyamu, Mukama, Otumanyise kaakano. Totuleka kutuuka ku ssaawa eyo emitala nga tekikyasoboka. Nkebera. Ngezesa, Mukama.

349 Wano, nnyimiriddewo lwa Kisa kya Katonda, nga ndaba Obubonero obwo eyo bubembulwa, nga bujja, okubuulirwa abantu. Kati, bwe wakiragula nti kiriba bwe kityo wiiki eziyise. Era kati, Kitaffe, kiikino ddala wano, mu maaso gaffe.

350 Kaakano, Mukama, ngezesa. Nkebera. Okebere omutima gwange. Mukama, tetwagala . . . Ffe, twagala ggwe Otunule mu bulamu bwaffe. era bwe mubaamu ekintu kyonna ekitali kituufu, kyogere bwogezi gye tuli, Mukama. Twagala okukirongoosa, mu kiseera kino kyennyini; kino kyennyini, kaakano nga wakyaliwo ensulo y'omusaayi, nga wakyaliwo e — eddagala eriggyamu amabala erisobola okunaaza ebyonoono byaffe n'obutakkiriza bwaffe. Twagala okuteeka emmeeme zaffe wansi waagwo; obutakkiriza bwaffe bwonna. Ayi Katonda, Yamba obutakkiriza bwaffe; butuggyeeko, Ayi Mukama.

351 okufuna ekisa eky'okukwakkulibwa. Twagala tube n'obusobozi, ekibwatuka eky'ekyama bwe kiribwatuka, Ekkanisa n'esitulibwa twagala tube beetegefu okukifuna, Mukama, Kituwe.

352 Tugezese, Ayi Mukama, ng'Okozesa Ekigambo Kyo. Tukkirize tukitunulemu.

353 Era bwe tunaalaba nti tulemeddwa . . . Mukama, wano bwe waba waliwo, abo abaabatizibwa mu bitiibwa; nga tebalina kye bamanyi ku

kubatizibwa kwennyini, okutuufu! Nsaba mbe mwesigwa nga Pawulo . . . Bwe yayita engulu ku lubalama lw'e Efeso n'asanga abayigirizwa nga baleekaana, basanyuka. Yabagamba, “Mwafuna Omwoyo Omutukuvu bwe mwakkiriza

Baali tebamanyi na kumanya, nti eriyo ekintu ekifaanana bwe kityo.

Yagamba, “Olwo mwabatizibwa mu ki?”

Baali babatiziddwa nnabbi oyo ow'ekitiibwa omutukuvu naye baali babatiziddwa eri kwenenya kwokka;

354 olwo ne baddibwamu okubatizibwa, mu Linnya lya Yesu Kristo. Pawulo yabalagira okuddamu okubatizibwa, era nate.

355 Mukama, mu musana gw'Ekigambo Kyo! Ndagira buli muntu yenna, atabatizibwanga mu Linnya Mukama Yesu Kristo, agende mangu awali amazzi, mu bwangu, ng'akyalina omukisa. Mmwe abatajjuzibwanga Omwoyo Omutukuvu; mbalagira, mu Linnya lya Mukama Yesu Kristo, mugwe ku maviivi gammwe. Era temuvaawo okutuusa ng'Omwoyo Omutukuvu Abanaalizza ddala era ng'Abajjuzza n'Okwagala Kwe, n'obulungi bwe; okutuusa emmeeme zammwe nga zimatidde mu kubeerawo kwa Katonda, era okwegomba kwammwe kwonna kube kumuweereza, okutambula ku Lulwe, n'okukolera wamu naye obulamu bwammwe bwonna.

356 Nsaba Katonda, ekisa kino Okibateekeko, mu Linnya lya Yesu Kristo.

Mmwagala, mmwagala

Kubanga ye Yasooka okunjagala

Ddala mumwagala?

Kati muwanike emikono gyammwe.

N'Angulira obulokozi

E Kalivaaliyo.

357 Bwe wabaawo yenna atudde wano, awulira nti aliko kye yeetaaga leero, abawulira nti beetaaga okubatizibwa mu mazzi, oba Okubatizibwa okw'Omwoyo Omutukuvu. Omanyi ekyetaago kyo; kikubikkuliddwa, era oyagala okujjukirwa mu kusaba. Tewali n'omu ku ffe ayinza kukikuwa. Oh, tusobola kukubatiza. Naye, kye tutayinza kukuwa, Ye Mwoyo Omutukuvu. Ekyo

Katonda y'Akikola, Yekka. Naye owulira ebyetaago byo, nti Katonda Ayogera eri omutima gwo, nti Ekyo okyetaaga, era oyagala tukujjukire mu kusaba. Yimirira, tusobole okukumanya, tumanye gwe ani? Katonda Akuwe omukisa. Olina ekyetaago? Mukama Abawe omukisa.

358 Oba oli awo, ndowooza waliwo abantu 150, abayimiridde wano. bwe mba mbalaba bonna. Simanyi kiki kiri mu bisenge, n'okwetooloola ebweru, abawanise emikono gyabwe, n'ebirala. Naye ng'olina ekyetaago.

Kati ka tusabe.

359 Kati, mmwe abalaba abantu abo abayimiridde okumpi nammwe, era abayimiridde ng'abajulirwa, mu maaso ga Kristo, “Nze — nze — nkwetaaga, Mukama. Nkwetaaga. Nze — nneesize nti — ndi omu ku abo abanaasanga amannya gaabwe leero emabega w'akabonero ako emitala eryateekebwamu ng'emisingi gy'ensi teginnabaawo. Waliwo ekikutte ku mutima gwange, era nnyimiridde, Mukama. Ye nze? Ompita? Njagala ombikkulire, nze, erinnya lyange Eyo. Onzijuze, era onsibiremu mu Ggwe, n'Omwoyo Omutukuvu.” Mmwe abaamala edda okusibibwa omwo, njagala musituke. Mukyuke gye bali, mubasseeko emikono, okubasabira. Kati mubeerere ddala beesimbu

360 Kitaffe Ow'omu Ggulu, mu Linnya lya Mukama Yesu, Omwoyo Omutukuvu Atambule mu kibiina kino, ng'empewo ey'amaanyi, era ayite ku buli mutima oguli wano, Mukama. Aweereze okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, eri abantu bano.

Era tulinawo amazzi agalindiridde.

361 “Peetero bwe yali ng'akyayogera ebigambo bino, Omwoyo Omutukuvu n'Abakkako abo abaawulira Ekigambo, era ne bajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu.”